# *Era Ezzadde Lyo Balirya Omulyango Gw'Omulabe Waabwe*

Nga, bulijjo, nkeerewa essaawa nga emu oba bbiri. Kati omusumba kye yava asituka, n'agamba nti, "Kaakano, njagala mwenna mbanjulire omutuusi w'ekikeerezi Mw. Branham." Kati, weewaawo mbeera na bingi eby'okukola kale o—obw'olumu nkeerewa. Naye ku mulundi guno kibadde tekyebeereka. Ku mulundi guno kyaleeteddwa mbeera ya budde. Nsobola okukiteeka ku mbeera y'obudde ne nfuna eky'okwewolereza. Mbadde nnina okukyongerayokko, mu maaso, Ow'oluganda Rose. Wasuze otya, Mwannyinaffe Rose. Era tuli basanyufu enkya ya leero, okubeera n'Ow'oluganda Rose ne Mwannyinaffe Rose, wamu n'Ow'oluganda Sharrit, n'ab'oluganda abalala bangi, abantu abalungi abali erudda eyo.

2 Mpulira nti, waliwo eyaŋŋamba mbu, "Mu Phoenix enkuba bw'etonnya, buli muntu asigala mu buliri," eyo nno, njawulo ya maanyi. Olumu ku nnaku zino nja kujja nneeliire ekijjulo ekitali kye kusasulira. Baŋŋamba nti osobola okufuna ekijjulo ekitali kya kusasulira buli lunaku enjuba lw'eba teyase. Ŋŋenda kugyetegereza olwa leero, nkakase nga ekyo bakituukiriza.

3 Ekiro kya jjo nnabadde mbuulira, mu kkanisa emu wano. Eky'amazima sikyajjukira linnya lyayo. Naye twabadde n'ekiseera ekirungi ddala, ekiro kya jjo, mu lukuŋŋaana. Ne mu kkanisa y'Ow'oluganda Outlaw, n'engulu mu Tempe, era tubadde n'ekiseera ekirungi ddala mu kussa ekimu kuno. Era nsuubira okusisinkana ab'oluganda abaweereza bano bonna mu lukkuŋŋaana olunene, tusobole okufuna akaseera okuwujjaalamu, Ow'oluganda Rose, tunyumyemu. Era ekyo kye kindeeta, kwe kuba n'okussa ekimu. Era twabadde. . . bwe twetegerezza enteekateeka yaffe twakizudde nga tulina ebifo bingi. Naye nnalowoozezza nti guno gwe mukisa ogukyasinzeeyo obulungi, kubanga nnasobodde okugenda o—okusisinkana abantu ab'enjawulo, n'okubalaba ne tubeerako wamu.

4 Ebiseera ebimu mu kubuulira, mu ngeri emu oba endala, buli muweereza tebamutegeera bulungi. Emirundi mingi, abantu batwala ekintu ky'oyogedde ne babaako engeri gye. . . Bakitegeera mu ngeri yaabwe, bwe batyo ne bagenda nga bakyogera bwe batyo. N'omulala bw'akifuna, ate ne kyeyongera okukyama. Okumaliriza, nga tekikyali ku mulamwa.

5 Kale—kale ffe, emirundi mingi, bwe mba mbuulira, ntera nnyo okuvumirira ebibiina by'eddiini n'ebibiina ebyagunjibwawo n'ebintu ebirala. Okuva mu ekyo, oluusi abantu ne bagamba nti, "Ow'oluganda Branham alwanyisa ekibiina." Ekyo kikyamu. Tewali kibiina kye nnwanyisa. Naye ensonga eri nti emirundi mingi abantu bagenda ne beesigama ku kibiina ekyo, mukiraba, essuubi lyabwe lyonna ne baliteeka ku ekyo mu kifo ky'okuliteeka mu Kristo.

6 Bafuba okulaba ba mmemba bameka be basobola okuyingiza mu kibiina ekyo. Kati, ekyo tekiriimu kabi konna. Nze—nze. . .Ekyo tekirina mutawaana. Nzikiriza buli kibiina kisaanye okuleeta buli mmemba yenna gwe kisobola okuleeta. Ekyo kirungi nnyo. Naye bwe weesiba ku kuyingiza abatannaba kulokoka n'okiteekamu nnyo amaanyi okusinga bw'oteeka essira ku Mwoyo Omutukuvu, nga Ow'oluganda Rose bw'abadde ayogera wano gye buvuddeko katono, n'ebintu ebirala, oleetera—oleetera abantu okubeera n'endowooza ya, "Ffe tuli ba *kino*, naffe tuli ba *kiri*." Ate nga fenna, tuli bantu ba Katonda. Mukiraba?

7 Kati, singa ndaba omuntu nga aseeyeeya ku mugga mu lyato. . .Kati mbeera kumpi n'omugga mu Indiana, Omugga Ohio, era ndi kumpi n'ebiyiriro. Ebiyiriro ebyo, kifo kibi nnyo, kubanga biyinza okukusaanyaawo mu bwangu obw'ekitalo. Era singa kakutanda n'otuuka ku biyiriro ebyo, tewali lyato liyinza kuyitawo, kubanga biri, nga fuuti amakumi ana oba ataano okukka wansi, ate wansi ku ntobo ne wabaawo ejjengo ery'amaanyi, erikuba ku lwazi, olwazi olusooka wansi. Era ndowooza a—a—amayengo, amayengo ameeru, gakka wansi ku biyiriro okuva mu buwanvu bwa fuuti amakumi ana, mukiraba, bwe gatuuka wansi, ate ne gaddamu ne gatumbiira mu bbanga. Ate okuva awo ne gagenda nga geesuukunda bwe gatyo, nga bwe gabimba bwe gakka mu fuuti nga nkaaga oba nsanvu okukka wansi. Ate munda muli mulimu amaanyi agasika amazzi ago nga gagazza erudda *eno*, oluvannyuma ne gagaggyayo ne gafulumira mu mukutu. Tewali ngeri yonna gy'oyinza kuwona, mukiraba.

8 Waliwo omusajja eyabuuka wano gye buvuddeko nga ayambadde ekizibaawo ekiwugirwamu. Baalaba kizibaawo kyokka olwali okugebbikamu, *ati*. [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'engalo ze—Omuk.] Wadde yali ayambadde ekizibaawo ekyo ekiwugirwamu, amazzi ago agaali gaddukira ku misinde egy'amaanyi gaamutwala ne gamubbiza. Era tebaddamu kumulabako. Tebaamanya kyamutuukako. Ob'olyawo yawagamira mu njazi oba mu gayinja wansi eyo, oba oli awo mayiro nga emu oba bbiri, bwe kityo awo, kale tewali ngeri gy'oyinza kuwona.

9 N'olwekyo singa ndaba omuntu nga agenda aseeyeeya ku mugga mu kaato, nga atudde bw'agenda asoma, bw'aseeyeeya, ne ndeekaana ne mmugamba nti, "Vva mu kaato ako. Akaato

ako tekajja kusobola kuyita mu mayengo ago." Kati, tekitegeeza nti omusajja oyo mmulinako ensonga yonna, newankubadde mba nnina okumuboggolera era ne njogera mu bukambwe bwentyo gy'ali. Tekitegeeza nti omusajja mmulinako ensonga yonna. Omusajja oyo mmwagala, naye mba nkimanyi nti agenda kusaanawo. Y'ensonga lwaki mmuleekaanira. Kubanga ta. . .Nkikola lwakuba mmwagala, ye—y'ensonga lwaki mmuleekaanira. Singa mbadde sifaayo, Nnandigambye kimu, "Tunaaba, tukuwonye," genda mu maaso, olaba, singa mbadde simufaako.

10 Naye ensonga lwaki njogera ebintu ebyo, eri lwakuba ndafuubana ku lwa Kkanisa. Nda—ndafuubana ku lw'Ekkanisa ya Katonda. Era nkya—nkyawa okulaba nga Etwalirizibwa endowooza ey'ekibiina eky'obuntu. Era nkimanyi nti mu ngeri eyo, buli kkanisa bw'etyo bw'ekomekkerezza, mu ngeri eyo yennyini, nga zigoberera enkola eyo ey'ebibiina eby'obuntu.

11 Ggwe lowooza ku kudda obuggya okwaliwo mu kiseera ky'Abaluzalaani, laba gye kwakomekkereza. Ate oluba okutuuka mu mbeera eyo, teddamu kusituka. Abaluzalaani tebaddamu kusituka. Tunuulira Abamesodisiti ba Wesley, tebaddamu kusituka. Laba aba Pilgrim Holiness, Abanazaalini, n'abalala bonna, Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani. Bafuna okudda obuggya, ne wabaawo omusajja asituka n'amaanyi ga Katonda, n'atandikawo omugendo mu Mwoyo. Naye omusajja oyo oluba okuvaawo, nga bagukolamu ekibiina ky'eddiini.

12 Okugeza nga Ettendekero lya Bayibuli erya Moody, kifo kirungi, naye teririddamu kuba nga Moody bwe yalireka. Mukiraba? N'ebintu Moody bye yali akkiriza, bano baabireka mayiro bukadde na bukadde, kati ekyo ky'ekiriwo. Era kati lyonna litambulira ku ntegeera ya buntu, so nga Moody yalizimba kutambulira ku Mwoyo, mukiraba. Kale kati we—weesanga nti, mu bintu ebyo.

13 Kati, we nnatandikira, bwe nnajja wano mu Phoenix, emyaka mingi egiyise, mu mugendo gw'Abapentekoote, nnalina omukisa okutandikawo ekibiina ekyange. Ab'oluganda ab'enzikiriza y'Enkuba ey'Oluvannyuma bajja gyendi, ne baŋŋamba nti, "Kye kino. Leka tutandike. Tukukakasa, bali abalala tujja—tujja kuba tubasinga obunene."

14 Ne ŋŋamba nti, "Bannange! Ekyo si ky'ekigendererwa. Ekyo si—ekyo si ky'ekigendererwa, ab'oluganda. Muli—muli mmayiro bukadde na bukadde okuva—okuva ku kkubo. Katonda talikiwa mukisa." Musome ebyafaayo byammwe. Musome Bayibuli. Tewajja kubaawo kibiina kirala kyonna kigunjibwaawo, kuva mu kino. Bwe kiri. Kino kijja kukola ekibiina kigende mu. . .We twogerera kiri mu mbeera ya Lawodiikiya. Naye leka nkubuulire, ow'oluganda, tewali bibiina birala Katonda by'anaawa mukisa bigenda kusituka. Tewagenda kuddamu

kubaawo kintu nga ekyo. Tuli mu kiseera kya Kujja kwa Mukama waffe. Mukiraba? Era Katonda ajja kuggyayo ensigalira okuva mu mugendo gw'okwegatta kw'amadiini guno, ogugenda mu maaso kati, aggyemu Omugole, naye tewaliddamu kubaawo kibiina kigunje, kya mwoyo, nate. Mukiraba? Bikomye awo.

15 Bwe ndaba baganda bange, ab'oluganda abaagalwa, nga olwo lwe ludda kwe beekubidde, kindeetera okufukumula kyonna kye nnina. Era oluusi ab'oluganda bagamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham atulwanyisa. Tuli. . . " Ekyo kikyamu. Bannange! Ekyo—ekyo kye kintu ekisinga okuba ewala ennyo n'endowooza yange, eky'okulwanyisa omuntu yenna. Ndi—ndi ku lwammwe. Ndi muganda wammwe, mukiraba, era ngezaako nga bwe nsobola. Era eyo y'ensonga lwaki sseegatta ku kibiina n'ekimu, nsobole okuyimirira mu muwaatwa ŋŋambe nti, "Ow'oluganda, tokikola. Eryo si ly'ekkubo ettuufu."

16 Bagamba mbu, "Ffe tuli ba Assemblies." Ekyo kirungi nnyo. Aba Assemblies of God babadde mukisa gwa maanyi nnyo gyendi. "Ffe tuli ba Foursquare." Mazima, mulabe bwe babadde ab'omukisa gyendi. "Ffe tuli ba Linnya lya Yesu." Mulabe bwe babadde ab'omukisa gyendi. "Ffe tuli *kino*, oba tuli *kiri*." Kyonna kye beeyita, bonna baamukisa. Ba—bantu ba Katonda. Mukiraba? Era mu bibiina ebyo byonna mulimu abantu ba Katonda.

17 Naye bwe tutandika okweyawulayawula, ne tugamba nti, "Ffe tusingako ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Katonda," mukiraba, oba, "Ffe tusingako aba Foursquare oba ab'Erinnya lya Yesu," oba ekintu eky'engeri eyo. So nga ate tuli. . . Tuyinza okwawukanamu akatono mu ndowooza zaffe. Olwa leero singa fenna tugenda ne tulya wamu ekijjulo, tuyinza okulya paayi za njawulo, naye era fenna tuba tulidde paayi, mukiraba. Ekyo kye ntegeeza. N'olwekyo kye ntegeeza, kiri nti, singa—singa tusobola okulaba okussa ekimu kwaffe. Teweekubiira ku ludda lwa kibiina. Weekubiire Kalivaaliyo. Ofe eri ebintu ebirala bino byonna. Mukiraba? Era kati nzikiriza. . .

18 Kino leka nkyogere nga kikyali mu birowoozo byange. Nzikiriza nti ekibiina kikoze ekitundu ekirungi. Kubanga, waliwo emirundi mingi, ab'oluganda, newankubadde tetwagalira ddala kukirowoozaako, naye wabaddewo ebintu bingi ebitusenseddemu, ate ebintu nga ebyo, bintu ebiwabya. Era abantu ne bakwata ebintu ebyo ebiwabya ne bamala gakutulakutulamu abantu nga bwe basanze. N'osanga ekibinja ky'ab'oluganda ne beegatta awamu ne. . . nga ba. . . Kye ntegeeza kwe kugenda nga bwe baakolanga mu nnaku ezaasooka n'ebintu ebya buli ngeri. Ate—ate ne leero tukyabirina, mukiraba, weebiri bikyagenda mu maaso. Naye abantu abasobola okwegatta awamu. . .

19 Ekifaananyi kyennyini ekya Pentekoote, nze nga bwe ndaba, bwe kituuka ku kibiina, ye—y'ekkanisa, y'Ow'oluganda Pethrus, ekkanisa y'e Firaderufiya mu Sweden. Kati, bo tebafaayo njigiriza ki gy'olina, kasita eba nga mweri mu Byawandiikibwa. Oba oyagala kukiraba mu ngeri *eno*, oba mu ngeri *eri*, oba mu ngeri etya yonna, kasita obeera n'okussa ekimu era nga otambulira mu bulamu ddala obutukuvu era obulongoofu. Kati ky'ekyo. Ekyo kirungi. Bw'oyagala okugamba nti Yesu wa kujjira ku mbalaasi njeru, nga omulala ye agamba Ajjira ku kire ekyeru, mulindirire mu ngeri eyo. Genda bugenzi mu maaso, kasita otambulira mu bulamu obulungi era obulongoofu n'obeera n'okussa ekimu. Bwe kityo bwe kiri. Bwe kiri.

20 Kale, nno, kati, eyo y'emu ku nsonga, ab'emikwano, lwaki ndi wamu n'ekibinja kino eky'Abasajja Abasuubuzi. Kubanga, nkimanyi mulimu ebintu bingi ebyetaaga okutereezebwa. Naye kye—kye kisingayo obulungi kye tulina. Weewaawo. Bwe kiri. Weewaawo. Waliwo bingi bye nja okwogera. Era—era mmwe, ab'oluganda wano bajja kubabuulira, ssirumamu kintu kyonna. Ndi wano nga omuweereza wa Katonda, okwogera Amazima. Era nnina okubyanukulira. Bwe kiri. Ow'oluganda Rose agambye nti, "Y'ensonga lwaki tukwagala." Kati, ekyo—ekyo, weewaawo, tetusobola . . . Tu—tulina okunywerera ku Kigambo kino. Mukiraba?

21 Ebbanga si ddene eriyise, ndowooza, waliyo mu . . . Nnali mitala w'amayanja, manyanga ku kizinga omwaka oguwedde, baalinayo olukkuŋŋaana, era abamu ku b'oluganda baali beenyumiriza mu lukkuŋŋaana luno olw'amaanyi omwali abasajja abasuubuzi, okuva mu ggwanga lyonna. Nga boogera ebintu nga, "Nnalina akafo kange emmanga eyo. Bizinesi yange yali tetambula bulungi. Era nnali mpita mu kiseera ekizibu ennyo. Naye mumanyi ekyabaawo, nna—nnajja ne nsembeza Kristo, era—era, ha, kati nnina buli kimu." Kati, ekyo kirungi. Ekyo tukisiima. Ekyo kirungi, naye okukulaakulana bulijjo si ky'ekitegeeza nti olina Kristo. Ekyo, mukiraba, kati ekyo tulina okukyegendereza. Kati, ekyo kirungi. Mukiraba? Ssi . . . Ssikirinaako nsonga yonna.

22 Naye mu ngeri emu oba endala nnalina okulumba ab'oluganda abo ekiro ekyo. Twagenda mu kisulo a—abamu ku ffe gye twali tusula, n'Ow'oluganda Shakarian naffe fenna. Ne mbagamba nti, "Naye," ne ŋŋamba, "ab'oluganda, ŋŋenda kubaatulira." Ne ŋŋamba nti, "Ndo—ndowooza nga mmwe ab'oluganda mmwe bantu abasingayo obulungi be nnali nsisinkanye, mu bulamu bwange. Naye," ne ŋŋamba nti, "ekituufu kiri nti," ne ŋŋamba . . .

23 Siri mmemba wa kibiina kyonna, naye ndi kitundu ku kussa ekimu kw'ebibiina ebyo. Ntambula ne kaadi ey'okussa ekimu nabyo, ye kaadi yokka gye ntambula nayo, kubanga ekiikirira

ebibiina byonna, mukiraba. Era ekyo kye njagala. Ekyo kye ndafuubanira.

24 "Naye," ne ŋŋamba nti, "ekintu ekinneerariikiriza, ye mmwe ab'oluganda okuyimirira mu maaso g'abasajja abo emmanga eri, ababasinga n'obugagga emirundi nkumi na nkumi, ne mugezaako okubagamba nga Kristo bw'ategeeza obugagga. Temugezanga okuddamu okubaguza eky'engeri eyo." Mukiraba?

25 Temugezangako kwegeraageranya na nsi. Ensi mugireke y'eba ejja gye tuli. Mmwe temugenda gye bali. Mukiraba? Mukiraba? Bwe mugenda gye bali, tetuyinza kwakira wamu nabo. Kubanga n'okuba, Enjiri temasamasa; wabula etangalijja. Hollywood emasamasa. Naye Enjiri etangalijja. Waliwo enjawulo nnene nnyo wakati w'okumasamasa n'okutangalijja.

26 Kale nno, kati, ne mbagamba nti, "Ab'oluganda Abapentekoote abaasooka abaalina kye baalina, baagezaako okukyeggyako, ne baliisa abaavu, n'abalala bwe batyo, ne basigala nga tebalina kye balina, mukiraba, okusobola okubuulira Enjiri, okukolera awamu." Ne ŋŋamba nti, "Naye ffe tugezaako kwenyumiriza mu bye tulina." Ne ŋŋamba nti, "Nga kyawukana nnyo ku ky'asooka!"

27 Kati waaliwo ow'oluganda omu omwagalwa, oluvannyuma nga wayiseewo akaseera eyasituka, n'aŋŋamba, nti, "Ow'oluganda Branham, eyo y'emu ku nsobi ezisingayo obunene abantu ze baali bakoze."

28 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, labayo, ow'oluganda, mbadde sigezaako kugamba bantu kutunda bintu byabwe bye balina. Naye nnina ensonga gye ngezaako okulaba nga abasajja bano abasuubuzi bategeera."

Yagamba nti, "Eyo y'ensobi esingayo obunene, abantu."

29 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo baakikola kusinziira ku Mwoyo Mutukuvu. Yali Mwoyo Mutukuvu ye yabagamba bakikole." Omwoyo Omutukuvu bw'agamba omuntu yenna okubaako ky'akola, okola ekyo ky'Aba akugambye okukola.

30 Kati kye yava agamba nti, "Naye, eyo y'ensobi ekyasinzeeyo okuba ennene ekkanisa gye yali ekoze."

31 Kye nnava mmubuuza nti, "Lwaki, ow'oluganda?" Nga tuli awo wennyini mu maaso g'omusajja gwe nnali njogera naye.

32 N'agamba nti, "Kubanga, obutakkaanya olwali okubalukawo mu kkanisa eyo, ne wabaawo okwawukana wakati w'Abayonaani n'e—n'Abaebbulaniya, n'abalala," n'agamba nti, "abantu abo tebaalina kifo wa kugenda. Tebaalina yadde amaka gye bayinza okudda."

Ne ŋŋamba nti, "Okwo kwennyini kwe kwali okwagala kwa Katonda."

N'agamba nti, "Ekyo kiyinza kitya okuba okwagala kwa Katonda?"

33 Ne mmugamba nti, "Baagenda buli wamu, ne babunyisa Enjiri, kubanga tebaalina kifo wa kulaga."

34 Omwoyo Omutukuvu takola nsobi yonna. Takikola. Ky'ekyo kyokka. Era nga bwe nnabadde ŋŋamba ekiro kya jjo nti, olina kwekwata bwekwasi ku Katonda, ne weekwata ku Kigambo Kye, n'okinywereza ddala. Si nsonga wa gye Kikutwala, ggwe Kigoberere bugoberezi. Leka kibeere bwe kityo.

35 Naye mazima ddala ndi—muwagizi w'okussa ekimu kuno okw'Abasajja bano Abasuubuzi. Era buli lukkuŋŋaana gye bampita, bulijjo ŋŋenda ne mbuulira, ne njogera kyonna kye nsobola. Si kugezaako kubaako na kye njogera, ekinaasanyusa omuntu, *Gundi.* Naye buli mulundi lwe ŋŋenda mu nkuŋŋaana zange, ngezaako okusoma n'okusaba n'okusiiba, ne ŋŋamba nti, "Mukama Yesu, kiki—kiki kye mba njogera ekinaayamba abantu abo."

36 Buli omu akimanyi nti siri mubuulizi. Siri mwogezi. Ndi—ndi. . .Ekyo buli omu akimanyi. Ssiri mubuulizi. Obubaka bwange—bwange kusabira balwadde, n'ebirala bwe bityo. Naye, ssiri mubuulizi. Ekyo omuntu yenna asobola okukitegeera, bw'ampulira nga mbuulira. Naye kye ŋŋamba kiri nti, njagala mbeeko ne kye nteekamu ekinaabaako ne kye kikola.

37 Ssi kugamba bugambi nti, "Ta—tabuuliza maanyi? Tasengeka bulungi ebigambo bye? Ssi mulungi nnyo bw'abeera mu kituuti?" Ebyo ssibyagala. Ebyo si—siyinza kubikola. Katonda teyampita kukola ebyo.

38 Naye ngezaako okunoonya ekintu ekinaayamba omuntu oyo, n'ekkanisa eyo okubeera ekkanisa ennungi okusinga bw'ebadde, okubayamba babeere abantu abalungi okusinga bwe babadde, bagisabire.

39 Kati, mbadde njogera bwentyo kubanga obwedda ndaba abantu bakyayingira, ate nga n'enkuba etonnya. Y'ensonga lwaki ebyo mbadde mbyogera. Kati, waakayitawo eddakiika kkumi na taano.

40 Era kati njagala okwebaza ow'oluganda. Ow'oluganda Fuller mumanyidde ebbanga ddene, bulijjo mbaddenga mmwagala, okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwange. Era tulina ebintu bingi bye tufaanaganya, Ow'oluganda Fuller. Kale tu. . .Ow'oluganda Fuller mmulabidde emyaka mingi, era mumanyi nga omusajja wa Katonda omwesimbu ddala, era mmwagala. Era ndi wano enkya ya leero okussa ekimu. Nnasaaliddwa nnyo okusubwa akawungeezi lwe yalangirirwa okubeera wano, naye nnabadde sirina kya kukikolera. Era ndi musanyufu okubeera wano enkya ya leero, okulaba ekkanisa ye, ennungi, engeri Katonda gy'abakulaakulanyizza era n'abawa omukisa. Na—na buli kintu kyonna ky'Amukoledde, byonna

mbisiimira ddala. Nsaba Katonda yeeyongere okumuwa omukisa, era awe n'ekkuŋŋaaniro lino omukisa, ne—ne—n'akakiiko k'abayima, n'abadiikoni, ne bammemba b'ekkanisa bonna. Era mbasabira mukule era mweyongere mu maaso mu kisa kya Mukama waffe, y'essaala yange ey'obwetowaze.

41 Kati, nga tetunnayingira mu Kigambo, leka tusooke tugende eri Nnanyini kyo, okusooka. Leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera tusabe.

42 Nga twewombeese kaakano mu Kubeerawo kwa Katonda, nga emitwe gyaffe n'emitima tugikotese, olina ekyetaago kyonna mu mutima gwo, kye weetaaga, ky'oyagala Mukama akuwe, nga wandyagadde nkujjukire mu ssaala yange enkya ya leero wano mu kkanisa? Osobola okukiraga nga oyimusa omukono gwo? Lowooza ku kyetaago ekyo mu mutima gwo, kyonna kye kiri. Nsaba Mukama abawe buli omu kye yeetaaga.

43 Kitaffe Katonda omututukuvu era ow'ekisa, Eyatonda ebintu byonna okuyita mu Kristo Yesu, olw'ekitiibwa Kye, tujja mu Kubeerawo Kwo enkya ya leero n'okwebaza ku mutima gwaffe. Era nga bwe tuvuze okuyita mu nkuba, nga embuyaga ekunta, n'enkuba etonnya, tukusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, Otufukeko enkuba ey'Eggulu, enkuba ey'omwoyo, enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo, wamu, mu mitima gyaffe olwa leero.

44 Tukusaba, ayi Kitaffe, owe omukisa ekkanisa eno. Tugikwebaliza nnyo nnyini, olw'omusumba waayo, n'olw'ekibiina ky'abakkiriza baayo, olwa. . .ekifo abantu mwe basobola okukuŋŋaanira nga balina akasolya waggulu waabwe n'entebe ennungi ez'okutuulamu.

45 Tuddayo emabega mu birowoozo byaffe ku byafaayo by'Ekkanisa eno eyasooka, Ekkanisa katolika, eno eyasooka, ey'abatume, ne tulaba bwe baatuulanga ku bibajjo by'enjazi oba ekintu kyonna kye baasobolanga okufuna, okusobola okuwulira Ekigambo kya Katonda, ne bafukamira wansi ku ttaka, awajjudde obunnyogovu n'amayinja era awaddugala, ne bayimusa emikono gyabwe eri Eggulu ne banyumirwa Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu. N'obawa obumalirivu obwenkanidde awo mu bulamu bwabwe obwabasobozesa n'okugenda mu bunnya bw'empologoma, ne batasagaasagana yadde, naye ne babeera n'akamwenyumwenyu ku maaso gaabwe, nga amaaso bagoolekezza Eggulu, nga bamanyi nti mu ddakiika ntono nnyo, bajja kuba mu Kubeerawo kw'Oyo gwe baagala.

46 O, okukkiriza kwa bajjajjaffe, okukyali okulamu, wadde nga baasuulibwa mu kkomera, ne bookebwa omuliro ne bafumitibwa ekitala. Zza buggya mu ffe, Ai Mukama, okukkiriza nga okwo. Otuwe omukisa gw'abatume omukulu ogw'Omwoyo Omutukuvu.

47 Buli omu leero ayimusizza emikono gye, Omanyi kye yeetaaga, ayi Mukama. Omanyi ekiri emabega w'omukono ogwo, ekigendererwa n'ekiruubirirwa mu mutima ogwo. Ggwe wekka ggwe asobola okugabirira buli kyetaago, ayi Mukama. Era mbasabira, nga ssimanyi kyetaago kyabwe, naye nga mpaayo okusaba kwange nga okwegayirira kwange ku lwabwe. Nga omuweereza Wo, nsaba mu bwesimbu nga nsabira buli omu yenna, nti, kyonna kye basabye, leka bakifune. Bawe omukisa, ayi Kitaffe.

48 Era kaakano nga bwe tusoma Ekigambo Kyo, n'okuyigiriza ekibiina kya Ssande sukuulu kino, nga bwe tuyinza okukiyita, enkya ya leero, nkusaba Otwale Ebigambo bino obikugire okuva eri obutakkiriza obw'engeri yonna, ayi Mukama; kibeere nti, amaanyi ga Ssetaani gonna agayinza okugezaako okugolokoka, okugezaako okubiremesa okukula, leka Biyingire mu buli mutima, era gifuuke emiti egibala ebibala eby'obutuukirivu, ayi Mukama. Olw'okukkiriza, gizaale ekyo kye wateekateekera Ekigambo Kyo okukola, bwe wagamba nti, "Tekiridda gye Ndi nga kyereere, naye Kirikola ekyo kye Kyatumibwa okukola."

49 Kaakano, ayi Mukama, tukuza omuweereza Wo. Ekigambo Kyo kyatukuzibwa dda. Era, ffenna wamu, tusaba tusobole okuliisa ekisibo Omwoyo Omutukuvu kye yatuwa o—okukuza. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

50 Kati, eri mmwe ebiseera ebimu abanyumirwa okusoma, okugoberera o—Obubaka, nna. . .Mbasaba, mubikkule mu Kitabo bwe muba musobola. Era nnina Obubaka obutonotono, obulinga obwa Ssande sukuulu, eri abantu enkya ya leero.

51 Mumpulira bulungi, eyo, yonna? Akazindaalo kano kanseetudde ne nkongera waggulu. Nnasaakaddemukko. Bwe, nnakwatiddwa ssennyiga, olwabadde okutuuka wano. Ssetaani yagezezzaako ddala nga bw'asobola okunnemesa okubeera wano. Ssimanyi. Nzikiriza ku mulundi guno Katonda anaabaako eky'amaanyi ky'anaafukumula mu lukuŋŋaana luno, kubanga Ssetaani akoze kyonna ky'asobola okunziyiza okulubeeramu.

52 Naye kati tugenda kusoma okuva mu Lubereberye, essuula eya 22. Era eri mmwe abaagala okubikkula Bayibuli zammwe, ka tusomere wamu, ekitundu ekyo. Lubereberye 22, leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 9.

> *Ne batuuka mu kifo Katonda kye yamugamba; Ibulayimu n'azimbira eyo ekyoto, n'atindikira enku, n'asiba Isaaka omwana we, n'amuteeka ku kyoto ku nku.*
>
> *Ibulayimu n'agolola omukono gwe, n'addira akambe okutta omwana we.*

*Ne malayika wa* M*UKAMA* *n'amukowoola ng'ayima mu ggulu,* n'agamba nti, *Ibulayimu, Ibulayimu: n'agamba nti, Nze nzuuno.*

*N'ayogera nti, Tossa mukono gwo ku mulenzi, so tomukolako kantu: kubanga kaakano ntegedde nga otya Katonda, kubanga tonnyimye mwana wo, omwana wo omu.*

*Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'atunula, era laba ennyuma we endiga ensajja nga ekwatiddwa* mu *kisaka n'amayembe* gaayo, oba *n'amayembe gaayo,* manyanga: *Ibulayimu n'agenda n'atwala endiga, n'agiwaayo* ku . . . *okuba ekiweebwaayo ekyokebwa* mu kifo *ky'omwana we.*

*Ibulayimu n'atuuma ekifo kiri erinnya lyakyo Yakuwa-yire: nga bwe kyogerwa ne leero nti, Ku lusozi lwa* M*UKAMA* *kirirabwa.*

*Ne malayika wa* M*UKAMA* *n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri nga ayima mu ggulu,*

*n'ayogera nti Nneerayidde nzekka, bw'ayogera* M*UKAMA,* . . . *kubanga okoze bw'otyo, n'otonnyima mwana wo, omwana wo omu:*

*Okukuwa omukisa naakuwanga omukisa, n'okwongera naakwongerako* ezzadde *lyo ng'emunyeenye* . . . *ez'omu ggulu, nga* omusenyu . . . *oguli ku ttale ly'ennyanja; era ezzadde lyo balirya omulyango ogw'*omulabe waabwe;

53 Ebigambo ebyo ebisembayo bye njagala okukozesa nga omutwe gw'eky'okuyigako: *Era Ezzadde Lyo Balirya Omulyango Gw'Omulabe Waabwe.* Ekyo—ekyo kisuubizo kirungi nnyo.

54 Kati, emboozi eno ffena tugimanyi bulungi nnyo, oba oli awo tugisomye, ne tugiddiŋŋana, ne tugiddiŋŋana, emirundi n'emirundi, ekwata ku Ibulayimu, n'engeri Katonda gye yamuyita okuva mu ggwanga lye, n'engeri gye yali omuntu owa bulijjo, nga taliiko kya njawulo kyonna. Naye Katonda yamuyita n'amuwa ekisuubizo.

55 Kati, njagala mwetegereze nti ekisuubizo kino Katonda kye yawa Ibulayimu tekyali eri Ibulayimu yekka, naye kyali eri ezzadde lye eririddawo oluvannyuma lwe. Kati, abantu bangi bagenda ne bagamba nti, "Ha, singa mbadde nga Ibulayimu, singa nange Katonda abadde asobola okwogera nange ne—n'ampa obukakafu nga bwe Yakola ku Ibulayimu, nnandibadde, ddala—ddala nandibadde n'okukkiriza, Ow'oluganda Branham, ssinga mbadde, ssinga nange Katonda ayogera nange nga bwe Yayogera ne Ibulayimu." Naye olina ekisuubizo kye

kimu Ibulayimu kye yalina, mu ekyo, bw'oba oli Zzadde lya Ibulayimu.

56 Kati oyinza okugamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, nze ndi Munnamawanga. Ssisobola kuba zzadde lya Ibulayimu."

57 Ezzadde lya Ibulayimu teryali zzadde lya mubiri. Lyali Zzadde lya mwoyo, kubanga okukomolebwa kw'ery'omubiri kwali tekulina kye kugasa. Ekisuubizo, Yakimuwa tannaba na kukomolebwa. Naye kyamuweebwa tannaba kukomolebwa, era tekyamuweebwa lwa kuba yali akomoleddwa era nga ali mu ndagaano ne Katonda mu ngeri eyo. Wabula kyamuweebwa lwa kuba Ibulayimu yakkiriza Katonda.

58 Era Ekyawandiikibwa kigamba, nti, "Bwe tufiira mu Kristo, tufuuka Zzadde lya Ibulayimu." Pawulo akyogerako n'agamba nti, "Omuyudaaya si y'oyo Omuyudaaya ow'okungulu, naye Omuyudaaya ow'omunda." N'olwekyo, bwe muba mwazaalibwa Omwoyo wa Katonda, "muli Zzadde lya Ibulayimu, era muli basika wamu ne Ibulayimu okusinziira ku kisuubizo." Mukiraba? N'olwekyo buli kisuubizo Katonda kye yawa Ibulayimu kikyo, kubanga mu mwoyo oli Zzadde lya Ibulayimu.

59 Era oli Muyudaaya nnyo n'okusinga bwe wandibadde singa wazaalibwa mu musaayi gw'Ekiyudaaya, ne—n'obeera Omuyudaaya nnakinku mu kkanisa eyo, naye ate n'ogaana Omwoyo Omutukuvu ono omulungi ne Mukama waffe Yesu Kristo. Okiraba? Oli Muyudaaya nnyo, kubanga oli Muyudaaya eyazaalibwa ekisuubizo okuva mu Ggulu, Katonda kye yawa Ibulayimu, ne Ibulayimu n'akikkiriza olw'okukkiriza, era ekyo kye kyamufuula kye yali. Ndaba era, okuyitibwa Omuyudaaya kyali kya kumwawula bwawuzi, bwe baamala okusomoka, naye yali ayitibwa Mwebbulaniya, n'ebirala bwe bityo.

60 Kaakati, naye bwe weeyawula n'ova ku bintu by'ensi, n'osala olukoloboze olwo olwawulamu, nga kati otambulira mu nsi endala, ensi mw'otaali, mu kusooka, wamu n'abantu b'otaali nabo ku lubereberye, awo ofuuka Omuyudaaya ow'omwoyo. Kubanga, mu ngeri y'emu Ibulayimu, olw'okukkiriza, gye yava mu nsi ye, n'aleka abantu be, n'agenda mu nsi gy'atamanyi eri abantu b'atamanyi, naamwe mwaleka abantu bammwe, ne muleka ensi ennyuma wammwe, ne muleka mikwano gyammwe be mwali mukolagana nabo, ne musomoka, okuyita mu Musaayi gwa Yesu Kristo, era kati muli batambuze, nga munoonya Ekibuga, nga Omuzimbi era Omukozi waakyo ye Katonda, nga Ibulayimu bwe yali. Abatambuze, awamu Naye, nga mubeera mu weema, mu makanisa, ne batuuze bannamwe ab'Obwakabaka obw'omu Ggulu, abasika b'ebintu byonna okuyita mu Yesu Kristo. Mukiraba? Twasomoka, twayawulibwa.

61 Kaakati, Ibulayimu, ekisuubizo kyaweebwa eri Ibulayimu n'Ezzadde lye eririmuddirira. Kati, Katonda yawa Ibulayimu ekisuubizo kino, eky'Ezzadde lye, okulya emiryango gy'omulabe

waabwe oluvannyuma nga Amaze okugezesa Ibulayimu, nga agezesezza Ibulayimu. Kati, okugezesebwa bwe kwamala okubaawo, olwo . . .

62 Ibulayimu yali yamala dda okukyusibwa, nga bwe tuyinza okukiyita, okuva mu bukaafiiri okudda eri Katonda. Era Katonda yali yamuwa, okukomolebwa, nga akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu. Kati, oluvannyuma lw'okukomolebwa, ate ne wajja ekiseera eky'okugezesebwa.

63 Ekifaananyi ekirungi ddala wano ekyoleka Ekkanisa, nti, bwe tumala okulokolebwa, tuweebwa akabonero ak'okukomolebwa okwasuubizibwa, okutali kwa mubiri, wabula okw'Omwoyo. Era Omwoyo Omutukuvu kwe kukomolebwa kwaffe. Ke kaso ka Katonda akoogi. Kaawula era ne kasala ebintu eby'omubiri ebisusse, eby'ensi, ne kabitusalako. Ekigambo kya Katonda, kyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri! N'olwekyo, mukiraba, kikomawo nate, Ekigambo kya Katonda kye kintu Omwoyo Omutukuvu ky'akozesa; si bigunje bya nzikiriza, si bibiina bya madiini. Naye Ekigambo kye kitwawula okuva ku bintu by'ensi. Kitusalako endowooza zaffe n'ebintu ebirala, ne kituwongerayo ddala eri Katonda mu bujjuvu.

64 Yesu yagamba nti, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe." Kiikyo. Kati awo kitegeeza, kiba tekikyali kigambo kyo. Wabula Kigambo Kye. Kati, okiraba, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, musobola okusaba kye mwagala." Uh-huh. Okiraba? Kitegeeza, obeera toyogera kigambo kyo nga ggwe. Obeera oyogera Kigambo Kye.

65 Kale n'olwekyo Omwoyo Omutukuvu y'Atwala Ekigambo kya Katonda n'atwawula ku bintu bino eby'ensi, mukiraba, okukomolebwa, okusalako. Bw'ova awo n'oyita mu kiseera eky'okugezesebwa.

66 Kati, Ibulayimu, nga amaze okuyitibwa okufuluma, ensi ey'Abakaludaaya, ekibuga kya Uli, yafuuka omutambuze, omuyise. Kati n'ekirala Katonda yamuyita, nga amaze okukakasibwa nti agenda kugenda mu maaso era atwale Katonda nga Ekigambo Kye bwe kiri. Era, Katonda kye yakola, yamuwa akabonero, akalaga nti Yali amukkirizza, era n'Amukomola. Naye n'akomola Isimayiri n'ab'ennyumba ye bonna.

67 Era kati olaba, bwo—bw'oyitibwa okufuluma, ekisooka oyita mu kigezo, okulaba oba nga ddala onaasobola okugenda mu maaso. Olwo Katonda n'akuwa Omwoyo Omutukuvu, nga ke kabonero akalaga nti Akkirizza okukkiriza kwo kw'ogamba kw'omulinamu. Kati mungoberera? Agenda kukukkiriza.

68 Kati, nnali njogera ne . . . Ob'olyawo wano wandibaawo ab'oluganda abalungi Abababaputisiti abatudde wano. Era buli omu akimanyi nti nnava mu kkanisa y'Abababaputisiti. Kati nnali

njogera ne muganda wange Omubaputisiti. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham?" Yali Dokita mu by'Eddiini, omusajja omulungi ddala, Omukristaayo yennyini. N'ambuuza nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, ojja wa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okwo okuba ekintu eky'enjawulo ku kukkiriza mu Kristo Yesu?"

Ne mmugamba nti, "Byawukana, muganda wange omwagalwa."

69 N'ambuuza nti, "Ggwe tolowooza nti bw'osembeza Kristo, obeera ofunye Omwoyo Omutukuvu?"

70 Ne ŋŋamba nti, "Mazima ddala. Naye," ne ŋŋamba nti, "olaba, obeera oyatudde bwatuzi nti osembezza Kristo, okutuusa nga Ye akikkirizza."

71 N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okubeera obutuukirivu."

72 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo. Naye Katonda yamuwa akabonero, akalaga nti Yali akkirizza okukkiriza kwe, bwe Yamuwa akabonero ak'okukomolebwa, okulaga nti Yali akkirizza okukkiriza kwe." Amiina.

73 Kati, bwe tusembeza Kristo nga Omulokozi waffe, kati, bwe tuba abeesimbu mu ekyo, Katonda atuwa akabonero, nti Akkirizza okukkiriza kwaffe mu Kristo, nga atuwa akabonero ak'okukomolebwa, nga ye Mwoyo Omutukuvu. Ako ke kabonero ak'okukomolebwa. "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda eyabateesaako akabonero okutuusa ku Lunaku olw'Okununulibwa kwammwe." Si okutuusa ku lukuŋŋaana oluddako; wabula okutuusa ku Lunaku olw'Okununulibwa kwammwe. Bwe kiri, Abaefeso 4:30. Kati, bwe tutyo bwe tufuna Omwoyo Omutukuvu.

74 Kati, bw'ogamba nti, "Ha, ndi mukkiriza," naye nga Katonda tannakuwa Mwoyo Mutukuvu, kiba kitegeeza okukkiriza okwo Tannakukkiriza. Obeera oyatula bwatuzi nti okkiriza. Naye okubuusabuusa kwonna bwe. . .Kati ssigamba nti toli mukkiriza. Mu ngeri emu, oli mukkiriza.

75 Naye Katonda bw'alaba okuganja, manyanga, bw'ofuna okuganja gy'Ali, n'Akukkiriza nti oli mwana We, nga Amanyi omutima gwo, era Alaba obwesimbu bwo, Akimanyi nti ebintu byonna bikusaliddwaako. Awo Akussaako envumbo n'akusibira munda mu Bwakabaka bwa Katonda, nga akozesa Omwoyo Omutukuvu, nga Akakasa eri ensi nti Akkirizza okukkiriza kw'ogamba kw'omulinamu. Kati mukitegeera?

76 Kati, amangu ddala nga ekyo kimaze okubaawo, nga ekikemo kijja. "Buli mwana yenna ajja eri Katonda ateekwa okusooka okukangavvulwa, okugezesebwa."

77 Yesu, kasita Yafuna ati obujjuvu bw'Omwoyo, ku mugga, Yokaana bwe yamubatiza, mbagirawo ssetaani n'amutwala

mu ddungu, okuyita mu kiseera eky'okukemebwa. Naye bwe Yatwala Ekigambo kya Katonda n'Awangula ssetaani nga agamba nti, "Kyawandiikibwa. Kyawandiikibwa," Yavaayo yeetegekedde obuweereza Bwe.

78 Era bw'atyo Katonda bwe yakola Ibulayimu. Kati, Katonda, oluvannyuma lw'okumuyita okuva mu nsi ye, ne yeeyawula n'ava mu nsi ye, abantu be, Katonda yamuwa akabonero ak'okukomolebwa, n'amala n'amuwa omwana. Oluvannyuma lw'ebyo n'ayolekera ekigezo ekyo ekisembayo, okutuuka wali we yalina okuwaayo omwana we yennyini Isaaka okuba ekiweebwayo. Era n'Amugamba nti, "Kubanga tonnyimye mwana wo omu yekka, kati Mmanyi nga onjagala." Yamuwa ekigezo ekyo.

79 Awo amangu ddala oluvannyuma lw'ekyo, awo olutalo lwali luwanguddwa, n'Amugamba nti, "Era Ezzadde lyo lirirya omulyango gw'omulabe waalyo." Amiina. Ekyo nkyagala nnyo. "Lirirya omulyango gw'omulabe waalyo." Ensonga eyo esembayo tugenda kugituukako mu kaseera katono ddala, Mukama bw'anaaba ayagadde. Kati kino kye Yazuula, nti Ibulayimu mwesigwa. Bwe Yakizuula nti Ibulayimu mwesigwa, awo n'Amuwa ekisuubizo eky'okulya omulyango gw'omulabe.

80 Kati awo, emirundi mingi, ffe Abapentekoote we tukoledde ensobi, ne tudda mu kulowooza nti, "Kasita, nnafukibwako Omwoyo Omutukuvu. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Kye kyokka kye nnina okukola." Nedda, ssebo. Awo obeera waakatandika butandisi. Ggwe, tolina we waabadde kutuuka. Okyalinayo ekigezo n'okugezesebwa.

81 Nga bwe tulaba mu—mu, mu—mu—mu Ndagaano Enkadde; waabangawo okukemebwa, okugezesa, n'oluvannyuma okutuuzibwa kw'omwana mu kifo eky'obuyinza. Okutongozebwa, okuteeka omwana mu buyinza nga asangiddwa mwana, yazaalibwa dda mu maka. Yabanga mwana wa bulenzi, naye yalina okugezesebwa n'okukemebwa, n'okukuzibwa abakuza, okulaba bw'anaavaamu. Olwo n'alyoka aweebwa obuyinza, nga kyenkana, yenkana ne kitaawe.

82 Kati ekyo kye kigenda mu maaso leero. Tubadde n'emyaka nga amakumi ana nga Pentekoote egezesebwa, ob'olyawo n'okusingawo, mukiraba, nga ekkanisa egezesebwa, okulaba oba banaayimirira, oba nedda. Okulaba ky'o . . . Era, mukiraba, awo we nkijja nate era. Mu kifo ky'okunyweerera ku musalaba ne ku Kigambo, ne tugenda mu maaso, twadda mu kufaanaana nsi, ne tuwuguka ne tukwata *oludda* luno, oba ne tuwuguka ne tugoberera ekkubo *lino*, oba ne twefaanaanyiriza *kino*.

83 Nga bwe nzize nvumirira ennyo enkola y'omulembe gw'akakyo kano, ey'abakazi okusalako enviiri zaabwe, ne—n'abasajja okwejeeguula n'ebirala ebya buli ngeri, ne bambala engoye ez'obugwenyufu n'ebirala bye bakola. Nfuna

okuwakanyizibwa kungi nnyo ku nsonga ezo. Naye kiba kya ki? Kya kugezaako kuyamba kkanisa eyo. Kya kugezaako kubasitula kubatuusa waggulu *eno,* ku Kigambo kya Katonda, nga sifuddeeyo ku kiki abalala ab'ensi eri endala kye bakyogerako. Munywerere ku Kigambo kya Katonda. Amiina. Mukiraba? Mukiraba?

84 Omutawaana guli nti, nga bwe nnabadde ŋŋamba akawungeezi ka jjo nti, Abapentekoote balindirira empewo ewuuma ey'amaanyi, naye baalemwa okuwulira Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu. Mukiraba? Erigamba nti, kikyamu okukola ebintu ebyo. Balowooza kimu mbu, "Kasita empewo eba nga ewuuma, ekyo kimala."

85 Naye ekyo si kye kyasikiriza nnabbi. Nnabbi Eriya teyafaayo ku mpewo ekunta mu mpuku gye yali. Okubwatuka okw'amaanyi n'ebimyanso, n'ebyali byeyiwa wansi, tebyamusikiriza, n'akatono. Naye ekyamuwuniikiriza ly'eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu, ekintu ekyo ekyogerera munda. "Ekigambo Kyange Mazima. Leka buli kigambo kya muntu kibeere obulimba, naye Ekyange kibeere amazima." Ekyo kye kyasikiriza nnabbi. Mukiraba?

86 Era kijja kusigala nga kikikola. Ekigambo kya Katonda bulijjo kisikiriza endowooza eyo ey'omwoyo, kubanga endowooza ya Kristo mu ggwe y'emanyi nga Ekigambo ekyo kituufu.

87 Era oyita mu kiseera eky'okugezesebwa. Ekkanisa eyita mu kaseera ak'okugezesebwa. Buli ssekinnoomu ayita mu kaseera ak'okugezesebwa nga tannalya mulyango gwa mulabe. Ibulayimu yakiyitamu. Kristo yakiyitamu. Kristo bwe yamala okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ku mugga Yoludaani, Yayita mu kaseera ak'okugezesebwa. Ibulayimu bwe yayitibwa n'afulumayo, n'ateekebwa mu nsi mwe yali ow'okubeera omutambuze, n'aweebwa okukomolebwa, era Katonda n'amusisinkana, emirundi n'emirundi, naye era yalina okuyita mu kaseera ak'okugezesebwa. Buli zzadde lya Ibulayimu likola ekintu kye kimu, Ibulayimu n'Ezzadde lye.

88 Ekibiina, ekkanisa, eyo y'ensonga lwaki tusanga ebibiina byaffe nga bigudde ku mabbali g'ekkubo, kiri lwakuba bwe bituuka ku kigezo. Kigezo ki? Ekigambo kya Katonda. Ekyo ky'ekigezo. Ekigambo kya Katonda ky'ekigezo. Tunaakola ekyo ekibinja ky'abantu kye bagamba tukole, oba tunaakola ekyo Katonda ky'agamba tukole? Awo we wali enjawulo.

89 Bwe bityo bwe byatandikanga, ebiseera bya Dwight Moody, ebiseera bya Finney, Sankey, Knox, Calvin, Spurgeon, n'abalala bonna, abasajja abo ab'omwoyo, ebibiina ne bibaddirira bwe baavaawo. Balina ekibinja ky'abasajja emabega eyo abaabaseenseramu, buli omu nga akkiriza *kino* na *kiri,* ne bongeramu katono *wano*, ne batoolako katono *wali*,

ne bagattako katono *wano*, okukkakkana nga bakikozeemu ekibiina ky'eddiini.

90 Era ekyo bwe bakikola, omukkiriza yennyini owa nnamaddala, Katonda ajja n'abaako omuntu owa wansi, omuwombeefu gw'alonda, n'amukozesa n'amenyamenya ekintu ekyo. Bwe kiri. Bulijjo akikoze. Katonda takyuka. Bayuzaayuza ekintu ekyo ne kifuuka obulele, abantu abamu abalina endowooza ey'omwoyo abanaanywerera ku Kigambo ekyo.

91 Muleke mbabuulire. Nnafuna ebbaluwa eka, okuva mu emu ku kkanisa emu ku zisingayo obulungi, mu bibiina ebinene ebiri mu mugendo gw'Abapentekoote. Mukazi wattu oyo eyali amenyese omutima yampandiikira ebbaluwa. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnali nnakuza enviiri nga nnasiba n'ekituttwa emabega mu mutwe gwange." N'agamba nti, "Era. . .Omwami wange kyali kimusanyusa." Naye n'agamba nti, "Twava mu kibuga gye twalina ekkanisa eyali ey'omwoyo ddala, ne tugenda mu kkanisa eno ennene, ekkanisa esingayo obulungi mu kibuga." N'agamba nti, "Bwe twatuukayo, bannyinaffe Abapentekoote bonna enviiri zaabwe baali baazisala." N'agamba nti, "Ne bantabukira olw'okukuza enviiri. Ne mbagamba nti, 'Nedda, nedda. Ekyo nzikiriza Bayibuli etugaana okukikola; ekyo kiweebuula okukikola.'" N'agamba nti, "Naye ne babeera nga. . . " Baabeeranga bamusekerera, nga bwe bamugamba nti, "'Owaaye ggwe, o—omupiira gwo ogw'emabega, ogwa sipeeya gugenda kuggwaamu omukka,' n'ebirala ebiri nga ebyo. Ne balumbagana n'omwami wange, ne yeetamwa, okutuusa lwe yampaliriza okusalako enviiri zange." N'agamba nti, "Mbaddenga mpulira nga nsalirwa omusango, okuva ku olwo."

92 Kirowoozeeko, ekkanisa y'Abapentekoote esaanye okuyimirira ku lw'Ekigambo kya Katonda! Eyo ekibiina kyo gye kikutwala. Bwe kiri. Balemererwa okuwuliriza Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu ery'Ekigambo, eribayita okujja eri amazima. Bonna bawuliriza mpewo ekunta ey'amaanyi, na kuleekaana okungi n'okuzina amazina, nga bwe bagamba nga bwe balina amaanyi. Ebyo tebirina mutawaana. Nange, mbikkiririzaamu. Naye, ow'oluganda, bw'ozina amazina n'oleekaana, ate bw'ova awo n'osambajja Ekigambo kya Katonda, ne weeyisa nga ensi, wabaawo ekitali kituufu. Ddala bwe kiri.

93 Omwoyo wa Katonda akka wansi, Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu, n'akukulembera n'akutwala butereevu e Kalivaaliyo, gye tufiira, n'obulamu bwaffe ne bukwekebwa mu Katonda okuyita mu Kristo, ne tusibwako envumbo n'Omwoyo Omutukuvu. Olwo, Ekigambo ekyo ne kiba nga kye kyokka ekiramu eyo. "Kati bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange

mu mmwe, musabe kye mwagala nakyo kinaabaweebwa." Eyo y'enjawulo.

94 Ka nsuubire ssibalabikira nga eyeeyitiriza. Bwe mba bwe ndabika, nze—nze—nze nga nze si bwe nkiraba. Nze—nze nzikiriza nti Ekigambo kya Katonda ge Mazima, era Kiteekwa okunywerera wano wennyini. Era bwe Kinywerera wano, Kijja kweyoleka ku ngulu. Kiteekwa buteekwa! Obulamu bwo, enneeyisa yo yonna, ejja kukyuka.

95 N'olwekyo Katonda bwe yawa Ibulayimu ekigezo, yakiyita, kikumi ku kikumi. Era ya . . .

96 Katonda tayinza kuwa kibiina kya ddiini kigezo, kubanga kyonna kyetabuddetabudde. Katonda takolagana na bibiina bya madiini mu ngeri eyo. Mu B'amawanga takolagana na mawanga nga eggwanga lyonna awamu. "Mu B'amawanga Yaggyayo bujja bantu." Isiraeri, Yabaggyayo bonna nga eggwanga. Naye, mu B'amawanga, "Mu B'amawanga Yaggyayo bujja bantu ku lw'Erinnya Lye." N'olwekyo, mukiraba, tatwala kibii- . . . Tatwala kibiina. Atwala muntu ssekinnoomu gw'Aggyayo mu B'amawanga.

97 Era ekigezo bwe kijja, mulaba ekibaawo? Twafulumayo ne tuggyibwako omusango. Twafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu mu mugendo gw'abapentekoote. Naye bwe kituuka ku kiseera eky'okugezesebwa, tufunayo abayivu abaakenkuka, ne twagala tufaanane nga ensi, era nga bwe kyali mu biseera by'omugendo gwa Wesley n'eby'abalala. Bagenda mu matendekero. Ne—ne bayiga saayaansi. Ne bayiga n'ebintu ebirala bino byonna ebikwatagana n'eby'enjigiriza. Ne bagezaako n'okusoma eby'embeera z'abantu. "Yogera ekyo kyokka ekisinga obulungi, naye, *kino* tokyogera. Leka bakole *kino* na *kiri*. Kubanga ki . . . " Mukiraba, mweyongerako mu miwendo n'okuzimba muzimba. Naye—naye ekiruubirirwa kyammwe kikyamu. Ekigendererwa kyammwe kikyamu. Muli mu kuzimba kibiina kya ddiini mu kifo ky'okuzimbira Kalivaaliyo. Oyinza otya okuba nga ozimbira Kalivaaliyo, n'otakikola nga Ekigambo bwe kigamba?

98 "Kubanga tunaazibwa mazzi ga Kigambo." "Bwe mubeera mu Nze n'Ebigambo Byange mu mmwe, awo musabe kye mwagala."

99 Awo we tulabira okulemererwa kw'omugendo gw'Abapentekoote, kubanga bawaba ne bava ku Kigambo. Ekigambo kibaako ne kye kigamba; ne bagezaako okuyingizaamu ekibiina ky'eddiini ekyo mu ngeri emu oba endala. Era okukkakkana nga Ekigambo ekyo bakivuddeko, bagoberedde kibiina kya ddiini. Kati mulaba we batuuse? Kati kyenkana bafaanana nga amakanisa amalala gonna. Naye tuzina amazina ne tuleekaana, ne twogera mu nnimi, ne tubuukabuuka, ebyo tebiriimu kabi konna. Ekibiina kyabwe

tekirina kabi konna. Ka nsuubire mutegeera kye ntegeeza. Naye ensonga enkulu, ly'Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu ery'Ekigambo eryogera. Ky'ekyo.

100 Oyita mu kigezo. Katonda akugezesa nga bwe yakola Ibulayimu. Agezesa Ezzadde lya Ibulayimu, eryamuddirira. Era kati, ensonga lwaki tetulya mulyango gwa mulabe, ensonga lwaki wakyaliwo bingi ebitusoomooza mu makkatti gaffe, eri lwakuba tetusobola kugumira kigezo. Era muleke mbeeko ne kye mbabuulira, ekigezo ky'Ekigambo kituufu.

101 Ensonga lwaki tetulina, era tetulifuna. . .mu kibiina kya ddiini. Nzikiriza Abapentekoote balina ekibiina ekirungi ddala. Abamu ku basajja abasingayo mu bonna . . . bali . . . be tulina ku nsi, bali mu—mu kibiina ekyo.

102 Aba Assemblies of God, nninayo mikwano gyange. Bannange! Ow'oluganda ow'omu Indiana, nja kuba ŋŋenda, okubaayo n'olukkuŋŋaana, nzikiriza, butereevu, mu kiseera ekitali kya wala. Ow'oluganda Roy Weed, omukulembeze atwala disitulikiti ennamba mu ssaza lya Indiana. Nzikiriza nti omusajja oyo musajja atya Katonda. So nga ate, mukulembeze atwala disitulikiti ennamba mu ba Assemblies of God.

103 Aba Foursquare, ha, bannange, nga bayitirivu! Ralph McPherson n'abalala bangi ku b'oluganda abo, abasajja abatya Katonda, obulamu bwabwe tebuliiko kya kunenyezebwa kyonna. Basajja abalungi ddala.

104 Ate bwe tudda mu b'enzikiriza y'obwa Nnamunigina bwa Katonda, abeeyita, ab'obwa Nnamunigina. Manyanga, kati, ssirowooza . . . Beeyita kkanisa ya Linnya lya Yesu. Jack Moore, nnokolayo omu ku abo aba . . . Naye bali mu bikumi na bikumi, abasajja abalungi, abasajja abalungi ddala, abatya Katonda.

105 Naye omutawaana guli nti, ow'oluganda, gwe guno, ye ggwe okwekwata ku kibiina ky'eddiini ekyo. Okiraba? Ebibiina ebyo byonna Katonda abiggyawo, era—era byonna byonna byagwa. Ggwe bitunuulire, byasenserwamu ensi. Laba abakazi baabwe. Laba abasajja baabwe. Laba embeera mwe bali. Nsobola okubasongera, ku bantu ba Assemblies of God abalina abadiikoni ku kakiiko kaabwe, abaakawasa emirundi ebiri oba esatu, n'ababuulizi kyokka nga bakyaweereza. Abakazi abaasalako enviiri zaabwe, abambala ebinu, abeesiiga eby'okwewunda, naye era ne basigala nga bagamba nga bwe balina Omwoyo Omutukuvu, nga beesigama ku bukakafu bw'okwogera mu nnimi, oba okubuukabuuka, oba okuleekaana.

106 Balemwa okuwuliriza Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu ery'Ekigambo. Ekigambo ekyo kikukuuma nga otunuulidde omusaalaba. Awo we wali omutawaana. Y'ensonga lwaki tetulina bannabbi batuufu mu kkanisa ensangi zino, nga Agabo.

107 Y'ensonga lwaki, ekkanisa ensangi zino, ki—kibazibuwalira okussa ekitiibwa mu kwogera mu nnimi bwe wabaawo azoogera,

kubanga bawulidde bingi nnyo ebijingirire n'okwekoza, ne batuuka okuba nga kati tebakyasobola kwawula kituufu ku kikyamu.

108 Okuvvuunula ennimi okw'okugeegeenya obugeegeenya, oli n'avaayo n'amala googera ky'asanze mbu kubanga awulira aluŋŋamiziddwa okwogera. Okwo si kuvvuunula. Okuvvuunula; tekitegeeza muntu kuyimirira n'ayogera mu nnimi, omulala n'asituka mu ddakiika ntono n'avvuunula oli by'ayogedde. Naye omu bw'aba ayogera, n'oli omulala aba avvuunula mu kiseera ekyo kyennyini, nga ayogera kigambo ku kigambo, mu ngeri y'emu, nga buli kintu kifaanagana. Omuntu *ono* ayinza okuba alagula, naye okwo tekuba kuvvuunula. Abamu ku bo, ayogerera mu ddoboozi *lino* n'abaako ne ky'ayogera, ate *ono* wano n'ayogera kirala. Ate abamu ne boogera ebigambo kkumi, ate ono n'ayogera ebigambo makumi ataano oluvannyuma lw'oli, mu kuvvuunula.

109 *Okuvvuunula* kitegeeza "okwogera, kigambo ku kigambo." Bwe kiba Kigambo kya Katonda, kirina kujja, kigambo ku kigambo; lunyiriri ku lunyiriri, lunyiriri ku lunyiriri. Eyo y'engeri Ekigambo gye kiteekwa okujjamu.

110 Naye biki kye tulaba? Tulaba bicupuli byereere! Era ebyo baabikola, basobole, mu kifo ky'okunywerera ku Kigambo, ate kyo baakiteeka wansi eri. Era ekyo omuntu oluba okukikola ati, nga baamuyise dda Mupentekoote. Era ebiddirira mubimanyi.

111 Ekigezo bwe kijja, ekiseera eky'okugezesebwa, Ensigo etandikirawo, ekiseera ekyo kyoleka Ensigo n'etali. Kati, ka kibe kiki ekyabaawo, Ibulayimu yasigala anyweredde ku Kigambo, ekisuubizo.

112 Naye ekyo leero ekibiina tekisobola kukikola. Era abamu ku mmwe ab'oluganda ab'omuwendo abali mu bibiina ebyo, bwe kakutanda n'otakkiriziganya nabyo, onoonyezaawo aw'okulaga. Bameka ku mmwe?

113 Ssitegeeza mmwe, abali mu kizimbe kino kati, naye bameka ababaddeko gye nsomera, bameka ababaddeko nange, ne baŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, tukimanyi nti ago ge Mazima. Naye bwe banaatugoba wano, tunaakola ki?"

114 Ow'oluganda, tunaakola ki? Mwekwate ku Kalivaaliyo, mwekwate ku kisuubizo, mwekwate ku musaalaba, si nsonga kiki ekibaawo.

115 Naye ate nga mu bo, balinayo abasajja abasingayo okuba abalungi. Mukiraba? Naye kye ngezaako okukola, kwe kugamba nti, ekyo kiteekwa okulemererwa. Bulijjo kibaddenga kiremererwa era bulijjo kijja kulemererwa. Naye ekikulu kiri nti, oba olemererwa oba nedda, eri Katonda, kuuma Ekigambo kya Katonda n'ekisuubizo Kye, okusooka. Ojja kugezesebwa Nakyo.

116 Muteeka emikono ku mpapula, mbu mujja kukola *kino* oba *kiri*. Ne bwe kiba kikontana n'Ekigambo, era mukiteekako emikono. Bwe kiri. Mu mutima gwo, obeera okimanyi nti kikyamu. Eryo ly'Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu eryogera, Ekigambo ekyo. Y'ensonga lwaki tetuyinza kugenda mu maaso, olw'ekyo ekyabaawo. Weeyawula ku Ddoboozi eryo ettono esseeneekerevu. Wayanguwa okudduka n'ogenda. Katonda yali akuyita, naye wayanguwa okudduka n'ogenda, olw'okuba ebibwatuka byabwatuka, n'ebimyanso ne bimyansa, n'ensozi ne ziyuuguuma.

117 Ebyo tebyayinula Eriya, nnabbi oyo. Yali ayagala Ddoboozi eryo, okusooka. Yagamba nti, "Ŋŋenda kusigala wano wennyini."

118 Bangi ku bo leero, baatandika, enkuŋŋaana ez'okuwonyezebwa, nga zijjuddemu okukopperera okw'omubiri, n'ebintu ebya buli ngeri, n'okukyamuukirira okutali na mu Kigambo kya Katonda. Bwe kiri. Kiki ekyo? Tusaanye tuyimbe oluyimba olwo olugamba nti, "Abo abalindirira Mukama. Leka nzikakkanye amalala gange nkoowoole Erinnya Lyo. Leka nnindirire, ayi Mukama, okutuusa lwe nnaawulira Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu." Era Eddoboozi eryo lijja kuba Ddoboozi lya Byawandiikibwa. Lijja kwogera ekyo kyennyini Ekigambo kye kyogera. Amiina. Kale.

119 Tukirabye nti, Ibulayimu oluvannyuma lw'okuteekebwa, okuyitibwayo, n'ayawulibwa okuva ku baagalwa be, okuva ku b'ennyumba ye, okuva ku maka ge, okuva ku b'ekika kye, okugenda mu nsi gye yali tamanyi. Olw'okukkiriza ekyo yakikola. Era, kubanga yakikola, Katonda yamuwa okukomolebwa, okukakasa nti yali mwana wa Katonda, nti yali amukkiririzaamu kubanga yali akkiriza ekisuubizo. Weewaawo, yali tayinza, yali takiraba na maaso ag'omubiri, naye yayatula n'agamba nti, "Ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda bulimba." Ne bwe wajja obukakafu obwenkana wa, busigala bulimba.

120 Kino nkyawa okukyogera, naye ŋŋenda kukyogera. Mulabeeyo. Ate bw'oyogera ku bakazi, ŋŋenda kwogera ku kintu ekimu ekirabikako, kye musobola okulaba, abagamba nti balina Omwoyo Omutukuvu, naye nga tebasobola kweyisa mu ngeri esaana ekimala ku—kuleka nviiri zaabwe kukula, wabaawo ekikyamu. Omukazi ayambala ekyambalo ky'omusajja, naye n'akyambala, nga Bayibuli egamba nti, "Kyamuzizo eri—eri Katonda, omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja." N'ova awo n'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu nga ate okola ebyo?

121 Ekyo lumu nnakyogerako bwe nnali mu Oregon. Ne wabaawo omukazi eyampandiikira ebbaluwa ennene. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, olina obuweereza obulungi ennyo, naye amazima gali nti ogenda kubutattana."

N'agamba nti, "Kati, nga nze . . ." N'agamba nti, "Nnyambala ovulo ekiseera kyonna." N'agamba nti, "Kirabika kitya okugenda mu nnimiro okubaako bye nnoga mu—mu nnimiro, nga nnyambadde ekiteeteeyi. Olowooza tekyandisinzeeko okulabika obulungi singa nnyambala ovulo okusinga bwe kyandibadde singa mba nnyambadde, oba sasipenda, oba kyonna kye kiri, okusinga okwambala ekiteeteeyi?" N'agamba nti, "Labayo, nneebagala embalaasi ne nnyambuka waggulu eyo mu nsozi n'abavubuka bwe baba bagenze okulunda ente, ne," n'agamba nti, "ŋŋenda ne mu bifo ebijjuddemu ensiri." N'agamba nti, "Kati, singa mbeera nnya—nnyambadde kiteeteeyi, ziba zijja kunnuma. Naye bwe mba nnyambadde ovulo tezintawaanya."

122 Ne mmugamba nti, "Ekyo kiwewufu nnyo ne ssupu w'ekisiikirize ky'omutulumbi gw'enkoko eyafudde enjala akisinga obuzito. Bannange! Tekiriimu Kigambo kya Katonda yadde n'ekimu. Eyo ndowooza yo nga ggwe."

123 Katonda yagamba nti, "Leka buli kigambo kibeere obulimba, naye Ekikye gabeere amazima." Mukyala wange ayambala ekiteeteeyi. Agenda mu nnimiro n'abaako ne by'anogayo. Takisangamu buzibu bwonna. Ye, n'ekirala, omukazi tewali nsonga yonna, emutwala kugenda na kibinja kya basajja wabweru eyo, kulunda nte. Alina kubeera mu ffumbiro gy'alina okuba. Bwe kiri.

124 Bagezaako kunoonya kya kwewolereza, naye tekiriiyo. Ekigambo kya Katonda kyerufu, era omukazi eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda ajja . . . Era omusajja eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda tayinza kukkiriza mukazi we kweyisa atyo. Yagamba atya? "Omukazi asalako enviiri ze, aweebuula omutwe gwe." Ate bbaawe ye mutwe gwe. Aba aweebuula.

125 Leka nkome awo. Kale. Kaakati, mulaba, mulaba, ekyo kimala. Kye njogerako mukimanyi.

126 Ekyo sikyogeza ttima. Ekyo bwe mba nkyogeza ttima, Katonda asaasire omutima gwange omwonoonyi; leka nfukamire wano ku woolutaali, nneenenye.

127 Nkyogera kubanga, ab'emikwano, mbaagala. Era ngezaako okubabuulira amazima, era amazima ago ky'Ekigambo kya Katonda. Tulina okuwulira Eddoboozi lya Katonda eryo ettono esseeneekerevu, okusobola okutuukana n'Ekigambo. Tuyita mu kiseera kya kugezesebwa. Aleruuya!

128 Mwali mukyetegerezza nti ekiseera ekyo eky'okugezesebwa bwe kyabangawo, ekyaddiriranga kwe kutendekebwa kw'omwana oyo eyazaalibwa mu maka agali mu kibiina ky'eddiini? Bwe yayitanga ekigezo n'asigala nga akola kitaawe by'ayagala, awo omulenzi oyo baamutwalanga wabweru ne bamwambaza ekyambalo, ne bakola omukolo. Era omulenzi oyo yatuuzibwa mu kifo eky'obuyinza mu maka mwe yabanga yazaalibwa.

129 Ogwo gwe mutawaana Abapentekoote baffe gwe balina olwa leero. Babuuka badda *eno* n'*eri*, nga n'ebibiina byaffe bwe bibasika nga bibazza *eno* n'*eri*. Tebanywerera ku Kigambo.

130 Bw'onaanywerera ku Kigambo, awo ekyo Katonda, bw'anaakiraba, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe," Ekikye, Tasobola kukyegaana, Kigambo Kye. Kati ekiseera kijja kutuuka, ekiseera ekimu, lw'olitwalibwa wabweru n'oyawulibwa, n'oweebwa ekintu ekyannamaddala, aleruuya, amaanyi ga Katonda Omuyinza wa byonna.

131 Ago, Katonda g'alindiridde okuwa abaana Be, naye tebaagala kutereera, bwe batuuka mu kiseera ekyo eky'okugezesebwa. Onaagakkiriza? "Naye, ekkanisa ejja kungoba." Kale. Ebyo bye babaamu. Kati nno, vva wano. Oyo taba Zzadde lya Ibulayimu. Ezzadde lya Ibulayimu teryeyisa lityo.

132 Ezzadde lya Ibulayimu! Kati, ka kibe kiki kyonna ekyajja kikontane ne Ibulayimu, yasigala anyweredde ku Kigambo ekyo eky'ekisuubizo, yakinywererako. Saala ne bwe yajja emirundi egyenkana wa, n'abalala ne bajja, abantu ab'enjawulo abajja, na buli kimu kyonna, byonna yabibalanga ebitaliiwo. Yatunula, yakkiriza nti ajja kulaba ekisuubizo, kubanga Katonda yakimusuubiza, era ekyo kyali kimala. Kyali Kigambo kya Katonda, era kyamunywereramu.

133 Olwo n'Alyoka amuwa ekigezo ekyo ekyasembayo. "Ŋŋenda kukimuwa nga kikubisiddwamu emirundi ebiri, mmugezese." Kati, omwana yamala okumufuna. Akiraba nti ekyo akirina. "Naye kati Ŋŋenda kumugamba nti, 'Omwana oyo mutwale omutte.' Era ndeke omwana oyo, bw'anaalaba . . . Anaasobola okutta omwana oyo? Kati Ŋŋenda kumugezesa."

134 Ibulayimu, yasigala mwesigwa eri Ekigambo! Oyinza otya, nga omaze okufuna ekisuubizo, ate oyinza otya okujjawo ekintu ekyo?

135 "Onaayinza otya—olifuuka otya—osuubira otya okubeera jjajja w'amawanga, nga kati oweza emyaka kikumi mu kkumi n'etaano?" Omuto Isaaka, yali wa myaka nga kkumi n'ena, oba kkumi n'etaano. "Olifuuka otya kitaawe w'amawanga nga oli wa myaka kikumi mu kkumi n'etaano, nga ono ye mwana yekka gw'olina, ate kati ozikiriza obujulizi bwokka bw'olina?" Amiina.

136 "Nnaabaawo ntya singa nva mu kibiina kyange? Nnaabaawo ntya singa nkola *kino*?" O, ggwe wuliriza buwuliriza Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu era ojje eri Ekigambo, Ekigambo.

137 Oyinza okugamba nti, "Nnawulira eddoboozi nga liŋŋamba *kino*." Bwe liba lyali likontana n'Ekigambo, teryali Ddoboozi lya Katonda. Eddoboozi lya Katonda lijja eri Kigambo.

138 Bw'atyo Ibulayimu n'atambula n'ajja eri Eddoboozi, esseeneekerevu, Eddoboozi ettono erya Katonda, eri Ekigambo kya Katonda, nga ateekwa okujjawo obulamu bw'omwana we.

139 N'amugamba nti, "Tomussaako mukono gwo, Ibulayimu. Kaakano Mmanyi nga onjagala. N'abo bonna abalikuddirira oluvannyuma lwo, aleruuya, abo bonna abalikuddirira oluvannyuma lwo, abeetegefu okutwala Ekigambo Kyange, baliba Zzadde lyo, era balirya omulyango gw'omulabe."

140 Nyabula ssinga mbadde n'obudde okubabuulira ku kintu ekyabaawo ennaku ntono eziyise, olaba, ku ekyo ekyabaawo. Ha, bannange!

141 "Balirya omulyango gw'omulabe; Ezzadde lyo eririkuddirira. Ibulayimu, alikuwa omukisa aliweebwa omukisa, n'alikukolimira alikolimirwa." Yesu yagamba nti, "Waakiri osibibwa olubengo mu bulago, n'osuulibwa mu buziba bw'ennyanja."

142 Kati ebibiina bino ebigoba abasajja abo abatya Katonda, olw'okuba basazeewo okuyimirira n'Amazima, n'Ekigambo, wamu n'Omwoyo n'amaanyi ga Katonda, ne banywerera ku Kigambo, mulaba ekyabaawo? Osuulibwa mu nnyanja ey'okwerabira.

143 "Waakiri osibibwa olubengo mu bulago, n'osuulibwa mu buziba bw'ennyanja, okusinga okwesittaza yadde asingayo obutene ku Bano abaafukibwako amafuta." Be b'ani abo? Ly'Ezzadde lya Ibulayimu abanywerera ku Kigambo ekyasuubizibwa.

144 Agamu ku makanisa gaffe gatuuse n'okusambajja, gasambajja okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, tebakyakwetaaga na mu kkanisa zaabwe. Bwe kiri. Ebibiina byaffe eby'Abapentekoote tebikyayagalira ddala kuwonyezebwa kwa Bwakatonda. Kiki ekyo? Temulaba ngeri ssetaani gy'akolamu? Agenze ayogera ebintu eby'engeri eyo ebitalina mitwe na magulu. Kyokka nga basajja ab'amagezi ag'omubiri nga balowooza ba mwoyo, ne babalaba, ne bagamba nti, "Laba *oyo*. Laba *oyo*." Nze abo si be ntunuulira.

145 Bw'oba oli Zzadde lya Ibulayimu, ojja kutunuulira kisuubizo kya Katonda, ekyo Katonda kye yayogera okukola. Ky'ekyo. Ezzadde lya Ibulayimu, tutunuulira kisuubizo. Ssifaayo bameka abakyama ne bagwa erudda *wano* na bameka abakyama ne bagwa erudda *eri*. Ekisuubizo kisigala kituufu.

146 Oteekwa okuyita mu kugezesebwa okwo. Okiraba? Weewaawo. Ibulayimu, yasooka kugezesebwa, n'alyoka assibwako akabonero, olwo n'alyoka aweebwa ekisuubizo nti "Ezzadde lye lirirya omulyango gw'omulabe." Ekyo nkyagala nnyo. Era, baalya emiryango gy'omulabe bwe baamala okugezesebwanga.

147 Omutawaana guli nti, tetusobola kugumira kugezesebwa. Y'ensonga lwaki ebibiina byaffe tebisobola kugumira kigezo. Ebibiina ebyo si kwe kwagala kwa Katonda. Weewaawo, Katonda abiwadde omukisa, naye ebibiina ebyo si kwe kwagala kwa Katonda. Kubanga, mulabeeyo, muba mujjuzza wano ekibinja ky'abasajja abalina endowooza ezitafaanagana, era endowooza ezo bazigatta wamu ne balondako ekisingako. Abamu ku bo ne bagamba mbu, "*Ono* musajja wa kitiibwa. Tosobola kugaana kigambo ky'ayogedde." Naye, n'ekereziya Katoliki bw'etyo bwe yasengekebwa mu nkola y'eddiini, kintu kye kimu, yazimbibwa ku musingi gwa bakkiriza ba magezi ga buntu. Abayivu, bakitunuulira, ne bakikwanaganya n'emirembe nga bwe gitambula. Ekyo tosobola kukikola. Buli kintu ekirala kyonna bulimba okuggyako Ekigambo kya Katonda.

148 Ibulayimu teyatunuulira kintu kirala kyonna okuggyako ekisuubizo kya Katonda. Ne bwe wajja kiki kyonna, yasigala anyweredde ku kisuubizo kya Katonda.

149 Kati eyo y'ensonga lwaki tetukyasobola kuzuulayo balala. Ekibiina tekisobola kulya mulyango gwa mulabe. Kifumbekeddemu endowooza nnyingi nnyo ez'ekintabuli.

150 Alina kuba muntu ssekinnoomu, y'alya omulyango gw'omulabe. Osobola okukikola bw'oba oyagadde. Yee, ssebo.

151 Leka tubeeko abatono be twetegereza, okumala eddakiiika entonotono, tulabe oba nga baanywerera mu Byawandiikibwa.

152 Kati, waaliwo ekiseera emmanga mu Babulooni lwe waaliwo e—ekifaananyi ekyasimbibwa, ekifaananyi kyennyini ekyoleka ekereziya Katolika, era bonna abataavunnamira kifaananyi ekyo baali ba kwokebwa mu kikoomi ky'omuliro. Kati, kaali kaseera ka kusalawo, oba bagenda kunywerera ku ekyo, Katonda kye yagamba nti, "Tobanga na bakatonda abalala bonna Wendi, yadde okukola ekifaananyi ky'ekintu kyonna." Ekyo Katonda kye yayogera. Ne wajja akaseera ak'okusalawo.

153 Abayisiraeri abalala bonna baakigondera. Era ekkondeere bwe lyavuga, ne—n'ekitaasa ne kivuga, ne—n'omulere ne gufuuyibwa, bali, bonna ne bagwa ku ttaka ne bavunnamira ekifaananyi kino.

154 Naye waaliwo abasatu ku bo abaagamba nti, "Tetugenda kukikola." Baawulira Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu, ne banywerera mu Kigambo. Baakola ki? Banywerera ku Kigambo.

155 Era oluvannyuma, ba—ba—baabagamba nti, "Bwe mutakikola. . . Tugenda kubawaayo akakisa akalala, bwe mugaana tujja kubasuula mu kikoomi ky'omuliro."

156 Ne bagamba nti, "Katonda waffe asobola okutununula okuva mu kikoomi ky'omuliro ekyo." [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] "Naye, ka kibe kiki ekinaabaawo, tugenda kunywerera ku Kigambo."

157 Kaakati, ow'oluganda, ate ggwe? "Nkole ki, Ow'oluganda Branham?" Nywerera ku Kigambo. Nywerera ku kisuubizo. "Ab'ekkanisa yange bajja kunjabulira." Nywerera ku kisuubizo. Balina okuggwaawo, lumu baligenda ne bakulekawo, ne bwe kiriba kiki. Naye, Katonda talivaawo. Nywerera ku kisuubizo. "Naye, leka nkubuulire, bajja kungoba." Ggwe, era nywerera ku kisuubizo. Ggwe nywerera ku kisuubizo. Kati, bw'oba osobola okunywerera ku kisuubizo n'osigalawo, awo sigala nabo awo.

158 Ssa kimu na buli muntu. Naye kati wano, kati, toliwangula mu ngeri ndala yonna etali kussa kimu na buli omu. Oteekwa buteekwa. Kati, bwe bayitirira okuba ababi, ne basiiwuuka empisa, awo beewale. Bwe kiri. Togenda mu matwale ga mulabe. Naye bw'oba ogezaako kuwangula muganda wo kumukomyawo, ekyo kya njawulo. Mukiraba?

159 Kaakati mulabeeyo, naye tolisobola kukyusa ndowooza ya kibiina, ggwe omuntu omu, nedda, ssebo, bwe, baateekawo ekiragiro kyabwe kye bagoberera ne bagamba nti, "*Kino* kye tukkiriza," bassaako akafundikira. Ssinga mubadde muwandiika enjigiriza yammwe ne mugamba nti, "*Kino* kye tukkiriza," akawummuza, kyandibadde kya njawulo. Akafundikira kategeeza nti, "*Kino* kye tukkiriza, era oteekwa okutuukana na *kino* n'oteeka omukono ku lupapula, tewali kirala."

160 Naye bwe mugamba nti, "*Kino* kye tukkiriza," akawummuza, "wamu n'ebirala byonna bye tuyinza okuyiga okuva eri Katonda. Tugguddewo oluggi eri Omwoyo Omutukuvu," awo muba ba kugenda mu maaso, ow'oluganda. Weewaawo. Kati ekyo kiba kigenda kuba kya njawulo.

161 Naye, olaba, bwe muba mwakiwandiika ne mukiteekako akafundikira, ate Katonda n'abaako ekirala ky'aleeta, ekikakasibwa okuba nti Kigambo Kye, era nti Mazima, muba temuyinza kuseguka, kubanga mwassaako "akafundikira." Ekyo kikifundikira. Awo Abaluzalaani we baafiira. Awo Abamesodisiti we baafiira. Awo Ababaputisiti we baafiira. Awo Abapulesibeteriyani we baafiira. Era awo Abapentekoote we bafiira. Bwe kiri. Bwe kiri. Bafiira awo wennyini, ggwe wekkaanye, kubanga kya—kyaggwa okuwandiikibwa. Tewali ky'osobola—ky'osobola kwongerako oba okutoolako. Kya—kyaggwa. Eyo y'enjigiriza yammwe.

162 Abaluzalaani baali tebasobola kukkiriza kutukuzibwa. Nedda, ssebo. Yagamba nti, "Omutuukirivu anaabeeranga mulamu lwa kukkiriza." Si Martin Luther; wabula ekibinja ekyo ekyajja ng'amaze okuvaawo. Bwe kiri.

163 Si John Wesley; wabula ekibinja ekyajja nga amaze okuvaawo. Bwe kiri.

Si Calvin; wabula ekibinja ekyajja nga amaze okuvaawo.

164 Si John Smith ow'ekkanisa y'Ababaputisiti, eyasabanga ennyo, ekiro, okutuusa amaaso ge lwe gaazimba n'aba nga takyalaba, nga asabira ekkanisa ye; okutuusa mukyala we lwe yalina okumukwata ku mukono okumutwala ku mmeeza, n'okumuliisa n'ekijiiko. Si ye; wabula ekibinja ky'Ababaputisiti kino abajja nga amaze okuvaawo, ekibiina ekyajja oluvannyuma lwe.

Si Alexander Campbell; naye abo abajja nga amaze okuvaawo.

165 Si mugendo gwa bapentekoote bali abaasooka, abaagabananga ebintu byabwe mu bumu, ne bassa ekimu na buli muntu; wabula ebibinja ebyajja ne bigamba nti, "Nedda. Ffe tuli *kino*, ffe tuli *kino*. Era *zino* ze nsonga ze tukkiriza, ne bino bwe biti!" ("Ne beeyawulayawulamu, nga abatalina Kukkiriza bwe bakola.") Mazima. Kyava ku ekyo. Awo ekibi we kyekwese. Amiina. Mpulira nnyingidde mu mwoyo, enkya ya leero.

166 Abaana Abaebbulaniya, oluvannyuma lw'okuyita ekigezo, oba baali baakunywerera ku Kigambo ekyasuubizibwa, oba nedda, baagezesebwa. Kati kiki kye baakola? Baalya omulyango gw'omulabe. Amiina. Lwaki? Kubanga baanywerera ku Kigambo.

Nywerera ku Kigambo, Eddoboozi lya Katonda eryo eryogera naawe.

167 Kati, okukubaganya ebirowoozo kwonna kwagamba nti, "Kati, labayo. Babulooni, tekyandibadde kya njawulo. Kubanga, ffe, bwe tuvunnamira ekifaananyi kino, ndaba era, tuba tusinza Katonda. Kale, bwe tukikola mu ngeri *eno,* tuba tutegeeza *kino*."

Kikole nga Katonda bwe yagamba.

168 Watya ssinga Katonda yagamba nti, "Musa, ggyamu engatto zo, Musa. Oli ku ttaka ttukuvu."

169 N'amugamba nti, "Weebale, Mukama. Weewaawo nkukkiririzaamu. Naye, ŋŋenda kuggyako nkofiira yange mu kifo ky'engatto. Obuguwa bw'engatto zange bujja kunkaluubiriza okusumulula." Uh-huh. Huh! Tekyandikoze.

Yagamba, "Ngatto." Teyagamba "nkofiira." Bwe kiri.

170 Oteekwa okukigondera, lunyiriri ku lunyiriri, Katonda ky'ayogera, n'otambulira mu Kigambo Kye.

171 Kaakati, bwe baamala okuyita mu kigezo, ekyaddako baalya omulyango gw'omulabe ogw'omuliro. Baakizuula, bwe baatuuka ku nkomerero ya buli kimu, nga banyweredde ku Kigambo kya Katonda, baalya omulyango gw'omulabe. Ekyo kituufu. Oluvannyuma . . .

172 Danyeri. Waaliwo ekirangiriro ekyafuluma, nga kiteekeddwako omukono gw'Abamedi n'Abaperusi, ekitayinza

kukyusibwa, nti, "Singa omuntu yenna asaba katonda omulala yenna, asuulibwe mu bunnya bw'empologoma." Naye Danyeri yali akimanyi nti Ekigambo kya Katonda kyali kigamba, kusaba Ye yekka, bw'atyo n'agenda mu maaso n'aggulawo amadirisa n'asaba. Kati, teyeekweka mu nsonda. Yaggulawo amadirisa agatunudde okwolekera yeekaalu. Tekyamukwasa nsonyi.

173 N'olwekyo tetwagala kukola ddiini yaffe by'eragira ku Ssande, ate ku Mmande ne tukola ekintu ekirala. Oba, okubaako ne kye tukkiriza mu mutima gwaffe, ate bwe tubaako ne gwe tusisinkana ne tugamba nti, "Naye, ssimanyi. Weewaawo, olabika oli mutuufu." Beera ekyo ky'oli. Oba si ekyo, vva mu kituuti, ekkanisa gifulume. Ekyo kituufu. Kubanga, byombi obeera obikotoggera. Beera ekyo ky'oli. Yogera ekyo ky'okkiriza, tojja kwetaaga kwetema ngalike. Ojja kuba oli ekyo kyennyini ky'oli. Nga buli muntu amanyi ky'oli. Abantu bajja kukusiima, omuntu yenna.

174 Omukazi asobola okuba nga y'asingayo okuba omubi. Asobola okuba nga munene, mugevvu, mutono, mukovvu, wa nviiri nzirugavu, wa maaso ga mmunye za kitaka, oba za bbululu, oba za kikuusikuusi; nga erimu, litunudde eno, eddala eri. Naye omukazi oyo bw'aba muyonjo, nga mukyala, tewali musajja yenna mu ggwanga ataamuggyireko nkofiira, omusajja oyo bw'abaamu akanigguusa mu ye. Bwe kiri. Kubanga, omukazi oyo a—abalira ddala ekyo ky'ali, ate ekyo abasajja bakisiima.

175 Bw'atyo ne Katonda ajja kusiima omuntu anaabeera ekyo ky'ali, oba abantu abeeyita Abakristaayo. Leka tubeere Bakristaayo, abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, abalina Ekigambo kya Katonda, bwe kitaba ekyo tubyerabire. Kituufu. Kubanga, bwe kitaba bwe kityo, ofuuka munnanfuusi, atambulira mu bulamu obw'engeri endala. Abantu ne bakulaba wano nga obinuka ogenda mu ndongo, n'okufuuweeta sigala, n'ebintu eby'engeri eyo, ate nga ogamba mbu oli Mukristaayo, awo, okiraba, obeera oteeka ekyesittaza mu kkubo ly'abalala.

176 Ne babalaba mmwe abakazi, ebiseera ebimu, engeri gye basala enviiri zaabwe n'engeri gye beeyisaamu nga bambadde obugoye buno obubi, nga balinga sosegi oba ekintu eky'engeri eyo, ne bafuluma eyo ku nguudo, ne bagenda nga batambula, mu ngatto eziriko obukondo obuwanvu obukoma *eri*, nga bw'agenda abigula ku luguudo. Oyo ye mupentekoote? Olwo nga a—ab'amakanisa gali amalala bagamba nti, "Abo beeyita kye batali."

177 Osibibwako envumbo era n'oteekebwako akabonero Omwoyo Omutukuvu. Tosula mu kiduula kiro kyonna nga oli mu kifuba ky'omusajja, atali balo; ate ekiro ekiddako, n'ojja mu kkanisa n'ozina amazina okubula okwekutula. Obwo si

bupentekoote. Obwo bunnanfuusi obuwedde emirimu. Obwo bugwagwa.

178 Okusinga ennyo bino ssibigamba mmwe. Naye, mukiraba, nti entambi zino ezikwatibwa wano zisaasaanyizibwa mu nsi yonna, kale mbuulira nga abuulira ensi yonna. Bwe mpulira Katonda nga agamba nti, “Baako ne ky’oyogera,” nkyogera bwogezi, kubanga simanyi wa gye kiba kiraga. Ekyo kiri gy’Ali okukirabirira. Nze nnina kunywerera ku Kigambo. Ekyo bwe kiri. Kale.

179 Nedda, Danyeri yagaana okuvunnamira ekiragiro kyabwe, si nsonga oba bamugoba mu ddiini yaabwe oba nedda. Yayimirira ddala awo wennyini ku ddirisa, n’anywerera ku Kigambo kya Katonda. Ekigambo kyali tekimukwasa nsonyi.

180 Kiki ekyabaawo? Baamusuula mu bunnya bw’empologoma, naye yalya emiryango gy’obunnya bw’empologoma. Lwaki? Ekitiibwa! Kubanga Katonda yagamba nti . . . “Ezzadde lyo lirirya omulyango gw’omulabe.” Omulabe k’abeere ani yenna, omulyango ogwo oli wa kugulya. Ha, mirundi emeka gye tuyinza . . . ?

181 Mulabe Musa, nga atambulira ku biragiro bya Katonda, yaserengeta n’agenda e Misiri, kyalabika nga buli kimu ekitaali ku ludda lwe. Yalina abageegeenya abaagenda naye. Yagendayo nga alina o—obubonero obuwerako, okulaga nti yali atumiddwa. Yasuula wansi omusota, n’ebirala bwe bityo.

182 N’abageegeenya nabo ne bajja, nabo ne basuulawo egyabwe. Yali ayinza kukola ki? Tewali. Katonda teyamugamba nti ekyo bajja kukikola. Yayagala kugezesa Musa. Ye yakkiriza Yane ne Yambere okusuula wansi emisota gyabwe, manyanga emiggo gyabwe.

183 Bw’atyo Musa n’ayimirira ku mulimu gwe. N’asuula wansi omuggo gwe. Ne gufuuka omusota. N’agamba nti, “Labayo ekyo, Falaawo. Ekyo Mukama wange kye yaŋŋamba, nzije nkole mu maaso go.”

184 Falaawo n’agamba nti, “Mujje wano, Yane ne Yambere.” Ne basuula emiggo gyabwe wansi. Ne gifuuka emisota, ne bakola Musa kye yakola.

185 Amaaso gaamumyuka? Nedda, ssebo. Yasigala akyakkiriza nti Katonda yamutuma. Yanywerera ku kisuubizo. Era kiki ekyabaawo?

186 Ekyo kye kiseera w’obeerera mu maaso g’ezimu ku nkiiko z’obukiiko bwammwe. Amaaso go gayinza okukumyukamukko, akatono. Nywerera ku Kigambo.

187 Kiki ekyabaawo? Amangu ago, omusota gwa Musa guno ogw’ekika ky’enswera ne gukyuka ne gumira giri gyonna. Katonda yakakasa. Oluvannyuma lw’okugezesebwa kwe, n’agamba nti, “Kati nno, olw’akabonero kano, njagala oleke

abaana abo basomoke bagende emitala. Njagala obasindike baddeyo ku butaka bwabwe, gye balina okuba. Katonda azze wano okukugamba, antumye nzije wano mbanunule. Njagala baddeyo." N'agusuula wansi.

188 Ha, ekigezo ne kijja. Musa, ogenda kukola ki, ogenda kukyuka, oveewo, ogambe nti, "Naye, nandiba nga nnali mukyamu"? Nedda, ssebo.

Musa yayimirirawo n'agamba nti, "Katonda ye yantuma okukola kino." Ekitiibwa!

189 Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogera, kinywerereko. Ne bwe kiba kiki ekibaawo, kinywerereko. Bwe bakugobera ebweru ne bagamba nti, "Tetujja kukolagana naawe, tetujja kukola *kino*," kinywerereko.

190 Musa yakinywererako. Kiki ekyabaawo? Yalya omulyango gw'omulabe we. Aleruuya. Ssetaani yagamba nti, "Ŋŋenda kwanjuluza Ennyanja Enfu yeekiike mu maaso go," naye yeggulawo. Baali tebakyayinza kuddamu kubakuumira Misiri. Yalya omulyango gw'omulabe. Lwaki? Kubanga yanywerera ku kutumibwa Katonda kwe yamuwa. Ebiragiro bya Katonda, yanywerera ku Kigambo kya Katonda n'alya emiryango gy'omulabe.

191 Yoswa, oluvannyuma lw'okuyita mu kigezo. Yaliyo emmanga eri, oba oli awo, yandiba nga yasomoka Yoludani, ye ne kalebu, wamu n'abakessi. Bwe yakomawo n'addamu n'asomoka Yoludaani, ne batuuka e Kadesu-Baneya. Bonna ne bagamba nti, "Bannange, ekyo bwe tukitandika, kijja kumenyamenya ebibiina byaffe. Tetuyinza kwetantala kuyingirayo."

192 Omwoyo ogwo tegufa. "Ha, Ebyo tetusobola kubikkiriza. Ebyo bwe tunaabiyigiriza abantu baffe, tunaakola tutya? Kijja kutwetaagisa okugoba kyenkana kimu kyakubiri eky'abadiikoni, mu kkanisa, tubagobe. Baakawasa emirundi ebiri, abalala esatu. Tunaakola ki? Ffe, kubanga, singa tunaagamba abakazi baffe nti balina okukuza enviiri, mumanyi kye banaakola? Bajja kuva mu kkanisa. Kati olwo tunaakola ki? Kubanga, bajja kutuyita abatatambula na mulembe." Ne Yesu, yali wa nkola nkadde. "Ekyo tetusobola kukikola. Tetusobola kukikola. Kituyitiriddeko."

193 Mumanyi ekituuka ku mukkiriza akoma obukomi ku nsalo. Abaebbulaniya, essuula ey'o 6, wakinnyonnyola. "Oyo eyamala okwakirwa, n'afuuka assa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, bw'agwa okubivaamu, kizibu okuzzibwa obuggya nate." Yatuuka ku nsalo eyo naye n'agaana okusomoka, ky'ekyo, yagaana okukkiriza mu bujjuvu.

194 Kubanga, Kalebu yakola ki? Yoswa yakola ki? Yagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya." Lwaki? Baanywerera ku ekyo Katonda kye yasuubiza.

195 Kubanga, baagamba, bali abalala baagamba nti, “Bannaaye, bali bannaggwano. Beekomeddeko ebikomera. Bali bwe *bati*. Mazima, ffe tewali ngeri yonna, gye tuyinza kubaako na kye tubakola.”

196 Yoswa n’agamba nti, “Tuyinza nnyo n’okukirawo okugirya. Mukkakkane, bantu mmwe! Musirike! Mutuule wansi!” Amiina.

197 Njagala okubategeeza, okukkiriza kintu eky’amaanyi, bwe kituuka ku Kigambo kya Katonda. Tekutya kintu kyonna. Okukkiriza kulina kabambaggulu, kulina emifumbi eminene. Kugamba nti, “Ssirika!” Buli kimu ne kidduka ne kigenda kyekukuma mu nsonda, bwe kiri, Katonda bw’ayogera. “Bwe mubeera mu Nze, n’Ebigambo Byange mu mmwe, mwogere kye mwagala.” Kiikyo. O, ekyo nkyagala nnyo. Hum!

> Emizimu gijja kukankana, n’aboonoonyi bawawamuke;
> Okukkiriza mu Yakuwa kujja kuyuguumya buli kintu kyonna.

198 Oyinza otya okuba n’okukkiriza nga okimanyi bulungi nti tokola, totambulira mu Kigambo Kye, nga okimanyi bulungi nti waliwo ebintu by’osaanidde okwogera naye n’otabyogera? Nga waliwo ebintu by’oteekwa okuyigiriza naye n’otabiyigiriza. Nga waliwo ebintu by’otasobola kwogera, kati oyinza otya okuba n’okukkiriza nga okimanyi nti oli mukyamu?

199 “Emitima gyaffe bwe gitatusalira musango.” Kiikyo. Kiikyo. Naye nywerera ku Kigambo, awatali kusalirwa musango. “Tebaliiko musango abo abali mu Kristo Yesu, abatatambula kugoberera mubiri wabula abagoberera Omwoyo.” Omwoyo akulembera kuyita mu Kigambo, kubanga Omwoyo asobola kuva mu Kigambo mwokka, kubanga Ekigambo Kye ye Mwoyo. Era Asobola . . . Omwoyo wa Katonda owa nnamaddala asobola kwogera Kigambo kya Katonda kyokka. O, bannange! Bannange, bannange!

Genda eri, ggwe ensi. Ssetaani, tuveeko.

200 Totya kugamba lusozi luno nti, “Siguukululwa.” Kyogere. Osigalewo, olulabe bwe lubumbulukuka. Bwe kiri.

201 Naye bw’oba osalirwa omusango, kisingako—kisingako n’osirika. Ojja kuba ojoboja bujoboja. Obeera toyogera mazima. Obeera toyogera bintu by’olina kwogera. Kale.

202 Kati tukiraba nti Yoswa, oluvannyuma lw’okuyita mu kigezo ekyo, yalaba obukakafu bw’ensi ennungi, era n’ayimirira awo e Kadesu-Baneya n’abakaayuukira bonna, n’abagamba nti, “Tuyinza nnyo n’okukirawo okugirya. Tusobola okugirya.” Yalina kigendererwa ki? Kusomoka.

203 Ekigendererwa kya Musa kyali ki? “Yolesa akabonero kano ojjeyo abaana.” Naye kyalabika nga ekyali kiremereddwa. Naye yanywerera ku Kigambo, era omulyango gw’Ennyanja

Enfu tegwayinza kumuziyiza. Yasomoka n'agiyitamu. Yalya omulyango gw'omulabe.

204 Yoswa, nga atunuulidde ekisuubizo kya Katonda, yagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya." Bwe kiri. Era bwe yatuuka ku Yoludaani, yakola ki? Yamusegulira. Amiina. Ky'ekyo. Yalya omulyango gw'omulabe. Yoludaani yali egezaako okumuziyiza okusomoka okugenda okutwala ekisuubizo ekyo. Naye bwe yagituukako, yali Zzadde lya Ibulayimu. Lwaki? Yakkiriza Ekigambo kya Katonda. Eyo ye ngeri yokka gy'osobola okubeera Ezzadde lya Ibulayimu, kwe kukkiriza Ekigambo kya Katonda. Era yakola ki bwe yatuuka awo we yali agenda okweŋŋanga omulabe? Katonda yaggulawo omulyango, n'agulya, n'agutwala, n'asomoka.

205 Olutalo olwasooka, olutalo lwe yasooka okulwana nabo, ebisenge byali binene nnyo nga basobola n'okukolerako empaka z'okuvuga amagaali g'embalaasi ku byo. Anaayingira atya munda okubakwata? Baamuddukako, ne bayingira munda. Ekyo n'omulabe, ky'ajja okukola. "Naye ojja kulya omulyango gw'omulabe."

206 Ne yeebuuza nti, "Ayi Mukama, nkole ki?" N'atambulatambulamu awo, lumu olw'eggulu, nga afumiitiriza. N'alaba Omusajja nga ayimiridde asowoddeyo ekitala Kye. Yoswa n'asowolayo ekitala kye, n'amubuuza nti, "Oli ku lwaffe? Oli ku lwa balabe baffe?"

N'amugamba nti, "Ye nze Mugabe w'eggye lino."

"Nkole ki?"

207 "Kumba okyeetoloole, emirundi kkumi n'esatu. Ofuuwe ekkondeere. Ojja kulya omulyango gw'omulabe."

208 Ne kigwa wansi. Yee, ssebo. Lwaki? Yali Zzadde lya Ibulayimu, eryakuuma Ekigambo kya Katonda. N'awamba buli mulyango ogwamweŋŋanga. Mazima ddala.

Obudde buyise. Nnina okumaliriza.

209 Mulabeeyo, abazira bano bonna ab'omuwendo, nnina omuko mulamba wano eno kwe nnabawandiise. Naye abazira bano bonna ab'omuwendo, ku bintu bye baakola, baakomekkereza bafudde.

210 Naye ate ne wajja Ezzadde lyennyini ery'okukkiriza, Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, Yesu, ekisuubizo. Ibulayimu yazaala Isaaka, kituufu, nga ezzadde ery'omubiri, naye Ezzadde liri lyennyini teryali mu nkola eyo ey'obuntu. Lyali mu kisuubizo ekyo eky'Ekigambo kya Katonda, kye yamugamba nti Yali wa kumufuula kitaawe w'amawanga, si kuyita mu Isaaka, wabula okuyita mu Zzadde ery'olulyo Olulangira, Yesu. Eryo lye lyali Ezzadde ery'olulyo Olulangira, era, mu butuufu, Ezzadde lya Ibulayimu, Yesu, teyali Muyudaaya, ate teyali Munnamawanga. Yali Katonda. Mukiraba? E . . .

211 Mmwe Abakatuliki abali wano, muweebwe omukisa. Naye bwe musinza Malyamu nga katonda omukazi, muliko kikyamu ki, bannange? Malyamu yali mukazi bukazi. Katonda yamulonda bulonzi. Yali kyuma ekyalula eggi. Ky'ekyo kyokka kye yali. Yali kyuma ekyalula eggi, ky'ekyo omukazi ky'ali, naye abeera n'akakwate n'ensigo y'omusajja.

212 Naye, kino kibiina ekirimu abato n'abakulu, naye kino nteekwa okukyogera musobole okutegeera kye njogerako. Kati, muwuliriza o—omusawo wammwe, naye nze ndi muganda wammwe. Weewaawo, musobola okumpuliriza.

213 Malyamu teyalina ggi lyonna lye yawaayo mu kuzaalibwa kwa Kristo. Tewaali nneewulira yonna ya mubiri Omwoyo Omutukuvu bwe yamusiikiriza, wadde n'akatono. Naye Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, Omutonzi, yatonda akatoffaali k'Omusaayi wamu n'eggi. Hum! Singa kyali nti eggi lyava mu Malyamu, awo abafu tebandizuukidde.

Ekitiibwa! Ekyo kyakanzijira kati. Nnaakakifuna.

214 Kati bwe mugamba nti tewali njawulo, ne bye tukola, olwo lwaki Katonda yatugamba okwewala okukola ebintu ebikyamu? Lwaki Katonda yazuukiza omubiri gwa Yesu, bwe kiba si bwe kyali? Kale, okiraba nti, omukazi teyalina kuba na kakwate konna. Bw'aba yalina akakwate ku mukazi, kitegeeza omubiri Gwe gwalimu omusaayi gwa maama We, Malyamu, kubanga kitegeeza yeegatta n'omwoyo ogwo ogwamusiikiriza ne kimuviirako—okuwaayo eggi, naye si bwe kiri. Omwoyo Omutukuvu, okuyita mu kufuna olubuto okutukuvu, aleruuya, Yatonda byombiriri enkwaso y'omusajja wamu n'eggi ly'omukazi.

215 Yesu yamuyitako "maama"? Kinoonye mu Byawandiikibwa. Yamuyita "mukazi." Aleruuya! Omukazi! (Ekyo kisu kyakajja. Y'ensonga lwaki kikola ekyo kye kikola.) "Omukazi, laba mutabani wo." Yali amusemberedde nnyo mu buzaaliranwa kyenkana mayiro akakadde kalamba okusinga Yesu bwe yali.

216 Yali Katonda. Teyali Muyudaaya ate teyali Munnamawanga. Yali Katonda, byombi omubiri n'omusaayi, Katonda ye yamulimu. Katonda okubeera mu ggi ly'omukazi? Tasobola kukikola. Eggi ly'omukazi eryo lyalina okuba n'akakwate n'emibiri gyaffe. Naye bino byali Omusaayi wamu n'eggi, Katonda bye yasiikiriza.

217 Yali asobola okuguteeka ku kikonge ky'omuti singa Yayagala. Yee, ssebo. Yali asobola okuguteeka wonna w'Ayagala.

218 Naye Yaguleeta kubanga omukazi yali kitundu ku kugwa. Okuva awo ne wazaalibwa Omwana wa Katonda omulamu ataliiko kibi, eyatondebwa, eyazaalibwa embeerera, byombi omubiri n'emmeeme.

219 Lwaki Dawudi yagamba nti, "Siriraba Mutukuvu Wange . . . sirireka Mutukuvu Wange kulaba kuvunda, Omutukuvu Wange okulaba okuvunda. Newankubadde okuleka emmeeme Ye emagombe"? Bw'atyo Dawudi bwe yayogera. Mukiraba? Byombiriri emmeeme, omubiri, n'omwoyo, byatondebwa Katonda, Ye yabitonda.

220 Omukazi teyali maama we, yali mukazi bukazi. Nzikiriza nti yali mukazi omulungi, omutukuvu, awatali kubuusabuusa kwonna. Yali takolangako nga kyuma ekyalula, Katonda yali tayinza kulonda kyuma kyalula ekitali kirongoofu. Mukama bw'anaaba ayagadde, ekyo kye ŋŋenda okubuulirako akawungeezi ka leero. Naye—naye ŋŋambye nti, "Ekyuma ekyalula ekikyafu okuzaala O—okuzaala Omwana We ku nsi? Yalonda mbeerera, etamanyi musajja." Era teyawaayo ggi lyonna, ka kibeere ekintu ekirala kyonna, Omwoyo Omutukuvu bwe yamusiikiriza, kubanga, Katonda, mu ngeri Ye etaliimu kibi, esobola okukola buli kimu kyonna, yamutondamu, emmeeme, omubiri, awamu n'Omwoyo ebya Yesu Kristo. Bwe kiri. Yali Mwana wa Katonda eyazaalibwa embeerera.

221 Ekyo kyakola ki? Kyamenya omulyango gw'omulabe. Aleruuya! Whew! Kino, kitandise okunnyumira. Mulabeeyo. Lwaki? Yamenya omulyango gw'omulabe awo wennyini, nti buli muntu azaalibwa mu nsi eno okuyita mu kwegomba kw'okwegatta wakati w'omusajja n'omukazi, eyali tayinza kugenda mu Ggulu kubanga okwegatta wakati w'omusajja n'omukazi kwe kwali kanaaluzaala okuviira ddala ku lubereberye, mu lusuku Adeni, kwe kwabaleetera okwebikkirira. Ekyo bwe Yakikola, Yamenyamu ekintu ekyo n'akyabuluzaamu wabiri, n'alya omulyango gw'omulabe. Nga akozesa ki? Nga akozesa Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, ku mulundi ogwasookera ddala, n'akibetenta okutuukira ddala ku ntobo. Ezzade ery'olulyo Olulangira ery'okukkiriza wamu n'ekisuubizo, si kuyita mu Malyamu okufuna olubuto, wabula eryazaalibwa Katonda, lyamenya emiryango. Ekyo, kye kyasobozesa omuntu okuyita mu mulyango. Ekitiibwa kibe eri Katonda!

222 Yakola ki? Okuva awo yalya emiryango gy'omulabe gyonna. Yalya omulyango gw'endwadde. Endwadde zaali tezisobola kubeera mu Kubeerawo Kwe. Nedda, ssebo. Ka kibeere ekintu ekirala kyonna kyali tekiyinza kubeera mu Kubeerawo Kwe. Omukolo ogw'okuziika gwali teguyinza kuyimirira mu Kubeerawo Kwe. Nedda. Yakola ki?

223 Yoswa yafa. Musa yafa. Ne bali abalala bonna baafa, naye Ezzade lino ery'olulyo Olulangira lyo teryafa. Okufa kwali tekusobola kuyimirira Obulamu we bwali.

224 Omukazi oli eyali ava e Nayini, bwe yajja ne mutabani we. Yamuyimiriza n'agamba nti, "Golokoka, mutabani."

225 Omuwala oyo eyali afudde, muwala wa Yayiro, Yayogera ekigambo ne kigenda mu buziba eri mu nsi etamanyiddwa, n'agamba nti, "Muwala, golokoka."

226 Lazaalo, eyali yafa nga n'omubiri gwe gwavunda, nga emmeeme ye yaguggyibwamu, okumala ennaku nnya. N'agamba nti, "Lazaalo, vvaayo." Ekitiibwa!

227 Wuuyo. Yakola ki? Yamenya buli nvumbo ya buli kimu kyonna. Aleruuya!

228 Naye ate bwe Yatuusa okufa, obulamu obwo Yali tayinza kubwesigaliza. Teyalina kufa, naye obulamu obwo Yalina okubuwaayo. Era obulamu obwo bwe Yabuwaayo, Yafa okufa. Era emmeeme Ye ey'omuwendo, nga Bayibuli bw'egamba, n'ekka emagombe, okutwala ekifo kyange n'ekifo kyo. Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira! Ekiki? Ye yali Ezzadde ery'olulyo Olulangira. O, ekitiibwa!

229 Kati ye ffe Ezzadde ery'olulyo Olulangira, abo, abanywerera ku Kigambo, mu ngeri y'emu nga naye bwe Yali. "Kubanga ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda; era Kigambo, n'afuuka omuntu, n'abeerako gye tuli." Temulaba Ezzadde ery'olulyo Olulangira we liri? Ezzadde ery'olulyo Olulangira ly'eryo erinywerera ku Kigambo.

230 Mmwe engajaba ezaagala okwekkiriranya ne ssetaani, n'emisono gye egy'ensi. (Soogera eri mmwe abali wano.) Ŋŋamba mmwe abali eyo, mmwe ababuulizi abakimanyi nti mubuulira ne mugamba mbu ennaku z'ebyamagero zaayita, mubuulira ne mugamba mbu teri kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, muswadde, bwe muva awo ne mweyita Ezzadde lya Ibulayimu.

231 Ezzadde ery'olulyo Olulangira linywerera ku Kigambo. Ezzadde ery'olulyo Olulangira, terizaalibwa muntu, teririna kakwate konna na musajja k'abeere omukazi. Omukazi ye kkanisa; teririna kakwate konna na kkanisa. Malyamu teyalina kakwate konna na Nsigo. N'ekkanisa ey'omubiri bw'etyo, eyo eyitibwa ekibiina ky'eddiini, terina kakwate konna na Nsigo. Lizaalibwa ki? Terizaalibwa kibiina kya ddiini, terizaalibwa Bumesodisiti, terizaalibwa Bubaputisiti, terizaalibwa Bupulesibiteriyani, terizaalibwa Bukatuliki, terizaalibwa Buluzaalani, n'ebirala.

232 Naye, lizaalibwa Zzadde ery'olulyo Olulangira ery'ekisuubizo kya Katonda, eryo lye lirya omulyango gw'omulabe. Omulyango gwaliwangulirwa dda. "Kubanga bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, musabe kye mwagala, kinaabakolerwa." Kiikyo. Kisuubizo. Kyamala dda okukolebwa.

233 Emmeeme Ye ey'omuwendo yakka emagombe, gye nalina okugenda. Naye ku lunaku olwo olw'okusatu. . .Samusooni bwe yeetikka omulyango gw'ekibuga ku mugongo gwe, ekyo tekyalina we kyenkanankana na kino. Ono yeetikka

emiryango gya ggeyeena, emiryango gy'emagombe, na buli kimu kyonna. Teyabyetikka kubyambusa waggulu ku lusozi, wabula Yabizikiriza. Aleruuya! Yalya omulyango gw'omulabe.

234 Embeera eyali ejjudde amaanyi ga ssitaani, mu bbanga, nga Bamalayika yadde ekintu kyonna tewali kisobola kukka wansi. Waali tewayinza kubaawo kwegayirira, kubanga omusaayi gw'embuzi gwali teguyinza kuggyawo kibi. Naye Omusaayi Gwe gwaggyawo ekibi.

235 Era Yalinnya Waggulu, n'anyaga okunyaga. N'awa abantu ebirabo. Kati, buli omu ku Zzadde lya Ibulayimu eyeetegese okusasula omuwendo, okukkakkana yeenenye ebibi bye, obatizibwe okuyingira mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byo, ojjuzibwe nate Omwoyo Omutukuvu, era oyite ekigezo.

236 Era bwe bakuggyamu ensi eyo ekulimu, ebintu ebyo ne bigenda, buli kintu ekikyamu, buli kintu kyonna ekirabika nga kikyamu, nga abakazi n'enviiri zaabwe, abasajja n'okwejeeguula kwabwe, n'amakanisa n'ebibiina by'eddiini byago, ne—n'omusumba abikkirira abadiikoni be, ne—n'ebintu eby'engeri eyo byonna. Ekibinja ekimu eky'abaagala ensi abayingira ne baleetera omusumba bambi omwavu, ne bamugobaganya mu kkanisa.

237 Genda mu maaso, musumba. Mukama akuwe omukisa. Nnywerera ku Kigambo. Totwala kirala kyonna.

238 Yalinnya Waggulu. Yakola ki? Yawumula ekituli, omulyango, ku lw'essaala y'Ezzadde lya Ibulayimu, lino. Lwaki? Lwaki? Bwe tuba nga ffe Mubiri gwa Kristo, bwe tuba nga twafa, twebala nga twafa era ne tuziikibwa mu Kristo, ne tuzuukirira wamu Naye mu kuzuukira. Ye Mutwe gw'Omubiri. Awo Omutwe we gubeera, n'Omubiri gubeera wamu Nagwo. Era, enkya ya leero, eri buli omu eyakola ekyo, "atudde wamu Naye mu bifo eby'omu ggulu," n'Ezzadde ery'olulyo Olulangira. Katonda atenderezebwe.

239 Tewali miryango. Toyinza kusaba *bw'oti*, n'ogamba nti, "Ha, ha, *waliwo* ekigambo." Huh-uh. Bakusibirayo, butereevu awo.

240 Naye emitima gyaffe bwe gitatusalira kutusinga; bwe tuba tumanyi nti tutambulira mu biragiro bya Katonda; nga tukiraba nti obulamu bwaffe bulongoofu; nga tukiraba; nga buli Kigambo Katonda kye yalagira, nga tukyekuuma; olwo buli mulyango gwa mulabe guba guwanguddwa. "Awo saba ky'oyagala, kinaakukolerwa." "Alirya omulyango gw'omulabe we." O, ow'oluganda, eyo nga yandibadde kkanisa ya maanyi!

241 Bwe ndikomawo nate mu Phoenix, Mukama bw'aliba anzikirizza, nsuubira nti, bwe ndiyingira mu yeekaalu eno, entebe zino ziriba zikubyeko, n'entebe zonna ez'amakanisa agali mu mugendo guno ogw'Enjiri enzijuvu mu kibuga kino ziriba zijjudde abatukuvu ba Katonda omulamu: abalabika nga Abakristaayo; aboogera nga Abakristaayo; abeeyisa nga

Abakristaayo; nga Omwoyo wa Katonda atambula mu makkati gaabwe, nga, bwe wabaawo akola ekibi, Omwoyo Omutukuvu akyasangulizaawo amangu ago.

242 Ajja kukikola. Mukirabyeeko mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, wano ku woolutaali. W'agambira, nti, "Ddayo otereeze ensonga eyo n'omwami wo. Genda, ogambe mukyala wo nti wali wabweru, ekiro kya luli, n'omukazi oyo, nga mutudde mu kifo *bwe-kiti ne bwe-kiti*." Bw'aba Asobola okukikola wano, olw'okutambulira mu Kigambo, n'okuwuliriza Eddoboozi eryo ettono esseeneekerevu, Ajja kukikola ne mu bulamu bwammwe. Muli Zzadde lya Ibulayimu. N'olwekyo, tewali kibi kyonna.

243 Mubuulizi, ekyo tewandyagadde kukiraba mu kkanisa yo? Nga bw'otambula mu kkanisa eno, n'okyuka n'otunula erudda *eno*, olaba abasajja n'abakazi, abatukuvu, abatya Katonda, abatudde nga bajjudde amaanyi ga Katonda. Ekibi nga tekiyinza kubayingiramu. Ne wajja omusajja n'ayingira n'atuula wansi, Omwoyo n'agolokoka n'agamba nti, "John Jones, ova mu kitundu *gundi,* ky'ekibuga mw'ova, mu kifo *bwe-kiti ne bwe-kiti*. Ekimuleese wano ayagala kuwonyezebwa endwadde eri mu mubiri gwe. Mukiraba? Yakola ekintu *gundi* mu kifo *bwe kiti*. Yakola *kino*, era yatwala, *kino* alina okukizzaayo, n'atereeza *kino*, Katonda lw'anaamuwonya kookolo oyo. BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Bannange, bannange!

244 Mpaayo ekkanisa, mpaayo abasajja kkumi, abajju-. . . , amayinja gennyini ag'omuwendo aga Katonda, Ezzadde ery'olulyo Olulangira, abasajja abo bateeke wamu olabe ekinaabaawo. Mpa ennyumba eno nga ejjudde abasajja nga abo, nange nnaakulaga Omusana ensi gw'enaayaayaanira. Bwe kityo bwe kiri. Ekyo Katonda ky'ayagala tubeere. "Muli kibuga ekizimbiddwa ku lusozi." Muli Zzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira. "Lirirya omulyango gw'omulabe waalyo."

245 Endwadde, endwadde zirina kwe ziva. Ebintu bino birina kwe biva. Era Katonda, Omwoyo Omutukuvu, ali wano okubabikkulira ekintu ekyo ababuulire ensonga lwaki temukifuna. Mutawaana ki ogutuliko? Tetulina kwewuunaganya kwebuuza oba nga, "Anaakikola?" We twogerera Akikola. Olina kukola ki?

246 Wekkaanye nnabbi oyo. Teyawuliriza mpewo ewuuma, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!"

247 Ebyo birungi. Kati, mujjukire nti, ebyo si bye nvumirira. Ka nsuubire nti ekyo buli omu akitegeera. Waliwo eyagamba mbu, "Ow'oluganda Branham takkiririza mu kugamba nti, 'Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!'" Naye, kati sooka ontunuulire. Nzikiririza mu kuleekaana, okwogera mu nnimi, n'okuzinira mu Mwoyo.

248 Naye, ow'oluganda, bw'olemwa okuwulira Eddoboozi eryo ettono esseneekerevu ery'Ekigambo, ekyo kye kintu ekikulemesa. Ekyo kye kintu.

249 Eriya yali akimanyi bulungi nti okudda obuggya kuno kwali kugenda mu maaso wabweru. Naye yali . . . Tekwamusikiriza kujja wabweru gye kwali. Naye bwe yawulira Eddoboozi lya Katonda eryo ettono esseneekerevu, yasikirizibwa. Era ne yeebikka ku maaso, n'afuluma. Lwaki? Eriya yali Zzadde lya Ibulayimu, nga agoberera Ekigambo.

250 "Bwe mubeera mu Nze n'Ebigambo Byange mu mmwe, awo musabe kye mwagala, kinaabakolerwa."

Leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

251 O, kkanisa, nga, bwe mmaliriza okubuulira bwe nti, mbaako engeri gye mba nneewuliramu! Omwoyo antoowolokokako, ne ntunula emabega, ne ndaba abantu mu butuufu abasobola okukwata mu nsawo zaabwe ne beerekereza emmere y'abaana baabwe, ne bagimpa. Ndaba wano bakazi battu abali wano bambi, oba oli awo nga baasalako enviiri zaabwe, naye kiki kye bayinza okukola? Basobola okunkolera ekintu kyonna kye basobola mu nsi eno. Omusajja apepeya n'omukazi mu ngeri eyo etasaana, ne nkivumirira bubi nnyo n'Ekigambo ekyo, ne mmulumya, ne ndeetera emmeeme ye okunakuwala, kyokka nga omusajja oyo agenda n'apakasa, n'ansindikira ekimu eky'ekkumi. Bwe kiri. Kindeetera okuwulira nga nswala, bwe nkomawo mu buntu, ne mpulira muli nga nneebuuza nti, "Biki—biki bye njogedde?" Ssigenderera kubaako gwe nnumya, si bwe kiri.

252 Naye, o, ow'oluganda, naawe mwannyinaze omwagalwa ne muganda wange, ekyo bwe kiba Kigambo kya Katonda, nga n'ono Mwoyo We y'aleetera Ekigambo ekyo okuba ekiramu, gy'oli, kiriba kitya ku Lunaku lw'Omusango? Ngezaako kukuteekateekera lunaku olwo. Bambi, bambi twala Ekigambo Kye. Singa mbuuliranga ekintu kyonna ekitali Kigambo, ekitali kisuubizo kya Katonda, olina olukusa okuntuukirira. Naye ekyo kye Kigambo. Era kiri lwa kuba mbaagala.

253 Tekiri lwa kuba ssa—ssaagala obeere mu lyato. Naye kiri lwa kuba eryato terijja kukusomosa. Ojja kutomera osaanewo, olumu ku nnaku zino.

254 Oteekwa okusalirwa Omusango. "Amenya etteeka erisingayo obutono aba amenye gonna." Kati bw'okitegeera nti ekintu kino kituufu okukikola, Kigambo kya Katonda era nga bw'okikola kiriko ekisuubizo, naye n'otakikola, olwo kiki ekiddirira? Olibuuzibwa okuwa ensonga lwaki tewakikola, kiki ekiriddirira? Obubaka buno bwe bulikwetimba mu maaso emitala eri ku lutimbe, ku Lunaku lw'Omusango, kiki ekiriddirira? Mukirowoozeeko, ab'emikwano. Osobola

okufa nga tebunnaziba. Fenna tusobola. Era waliwo ekintu kimu ekitabuusibwabuusibwa, oteekwa okufa.

255 Luli nnayimirira ne ndaba maama wange, nga mmukutte mu mukono gwange. Ekyo nga tekinnabaawo nnalera taata wange, ne mmulaba nga agenda.

256 Mbalabyeko nga batuuka ku nkomerero y'olugendo, abaali balowooza nti mazima bali bulungi. Nga balaajana bagamba nti, "O, Ow'oluganda Branham, o, ssinga mbadde nsobola okusigalawokko katono nga nkyali mulamu!" Mu kaseera ako obudde buba buyise nnyo. Ate mujjukire nti, okufa tekukyusa mmeeme, kukyusa bukyusa kifo mw'ebeera. Kati bw'oba olaba nti waliwo ekintu munda mu ggwe, kati beera wa buvunaanyizibwa, bw'oba olaba nga waliwo ekintu munda mu ggwe ekikuleetera okweyisa bw'otyo n'okuwulira bw'otyo, nga ate tosaanidde kwewulira bw'otyo, weenenye enkya ya leero. Onaakikola, mukwano gwange? Jangu. Beera . . . Tolina kubeera bw'otyo. Oli muntu ajjudde ennaku. Tambulira mu bulamu obw'Ezzadde ery'olulyo Olulangira bwennyini. Katonda akwagala olwa leero.

257 Osobola okuyimusa omukono gwo, nga omutwe gwo gukotekeddwa, n'omutima gwo. N'ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnyimusa omukono gwange eri Katonda. Mu bwesimbu, okuviira ddala mu mutima gwange, ekyo kye njagala okubeera. Ekyo kyennyini kye njagala okubeera. Nna—nnasobya nnyo mu bintu bingi, naye amazima ssa—ssaagala kubeera bwentyo. Njagala kubeera ekyo ky'obadde oyogerako enkya ya leero. Nsabira, Ow'oluganda Branham. Nnyimusizza emikono gyange eri Katonda, si eri ggwe, Ow'oluganda Branham, naye eri Katonda. Era mu mutima gwange, omutima gwange Agumanyi, njaayaana okubeera Omukristaayo ow'ekika ekyo ky'oyogerako, Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, okuyita mu Yesu Kristo." Yimusa omukono gwo kaakano ogambe nti, "Nja . . . Nsabira, Ow'oluganda Branham." Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Mazima ddala Ajja kukikukolera.

258 Kitaffe ow'omu Ggulu, mu Musana gw'Ekigambo Kyo, mu maanyi ag'okuzuukira Kwo! Era nkimanyi bulungi, ayi Mukama, nti abantu bambi emirundi mingi batabulwatabulwa wano, okuyita mu bintu eby'enjawu . . . Abantu kyenkana tebamanyi kya kukola; kubanga omu ajja, n'ayogera kino; ate omulala n'ajja, n'ayogera kiri.

259 Ate wano mu Phoenix, ekibuga kino ekinene ekya—ekya, weewaawo, eky'abalambuzi, ekiyingiramu buli kintu okuva mu buli ggwanga, mu mwoyo ne mu mubiri. Luli, bwe nnali nnyimiridde ku lusozi, nga ndowooza ku mirundi emeka Erinnya lya Katonda gye likozeseddwa obubi emmanga wano, ebikolwa eby'obwenzi bimeka ebikoleddwa, ebibi bimeka n'empitambi ebikoleddwa wano ku nguudo, ne mu mabaala ne mu bikaali,

na buli wamu wonna, nga bikolebwa bangi ku abo abeeyita abakkiriza, Abakristaayo!

260 Abakazi ne batambula ku luguudo, nga bakutte ssigala mu ngalo. Ne batambula nga bambadde engoye ez'ekikaba, nga ate Wagamba nti bikuwunyira, "Kya muzizo," kiringa awakyamirwa, awajama, awacaafu, awawunya ekivundu. Ai Katonda, ddala omukazi agamba nti alina Omwoyo Omutukuvu ayinza atya okukola ekintu nga ekyo, nga akimanyi nti mu nnyindo z'Omulokozi, kiwunya bwe kityo, kiwunya? Katonda ayinza atya okubeera n'ekintu bwe kityo mu Bwakabaka Bwe? Kitaffe, singa babadde bamanyi nti bali wala nnyo obukadde n'obukadde bwa mayiro okuva awali Obwakabaka obwo.

261 Nkusaba, ayi Katonda, otusaasire. Tewali n'omu ayagala kugenda mu kifo ekyo eky'okubula. Tewali n'omu ayagala kugendayo, Kitaffe. Kiddire eri okubaawo omu ku ffe agendayo. Nga ate munda mu muntu oyo mulimu omutima omulungi, mu musajja oyo, mu mukazi oyo, omusajja oba omukazi alina okwagala era omulungi, naye nga yalimbibwa ssetaani. Ekyo ssetaani y'akikoze.

262 Ssetaani, nkulumbagana, kubanga oli mulabe wa Mukama wange. Oli mulabe wa Kigambo Kye. Era nkulagira, mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, nze nga omuntu, mmanyi nti ssirina buyinza bwonna mu nze. Ssirina maanyi kukuziyiza. Sirina maanyi gayinza kuleetera wadde n'omu ku bakazi bano kulongooka, oba omu ku basajja bano, abawuliriza olutambi luno, oba—oba yonna gye bali. Sirina ngeri gye nnyinza kubaleetera kulongooka. Sirina maanyi. Naye nnina obuyinza obw'Ekigambo kya Katonda, nga omuweereza, okukibuulira, era nvunaanyizibwa ku buyinza obwo. Nga n'omupoliisi ono bw'atalina maanyi kuyimiriza mmotoka, naye alina obuyinza okukikola.

263 N'olwekyo, Ssetaani, siba ebiziyiza byo, kubanga nkulagira, ku bwa Yesu Kristo, okusumulula abantu bano, mu nsi yonna, yonna Obubaka buno gye bunaagenda. Bate. Mbabanja, nti baagulibwa. Tebaliiwo ku lwabwe. Baagulibwa na muwendo, bo ly'Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, Mukama waffe Yesu.

264 Ggwe munnanfuusi ggwe omugwagwa, omucaafu, awunya, alimba abantu, nga obakulembera mu buzibe okubatwala mu bunnya bwa ggeyeena, bate. Nkulagira, ku bwa Katonda omulamu, olwa Ssaddaaka y'Omwana We, Yesu, obate, emmeeme zaabwe zisobole okubugujja n'omukisa Gwe wamu n'Okubeerawo Kwe, basobole okulya omulyango gwa buli mulabe. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Obaleetedde okulindirira *kino*, *kiri*, oba *ekirala*, oba okukwatibwako okutukuvu okw'engeri emu, oba ekintu ekirala eky'engeri eyo, naye ŋŋamba nti ogenda kubaggyako engalo zo.

265 Obulwadde buyinza butya okusigalawo wansi w'amafuta nga gano? Okuggyako nga bagaanye okulengera emitala okutunuulira ekisuubuzo nga jjajjaffe Ibulayimu bwe yakola, bwe yamulengera mu kifaananyi emyaka bikumi na bikumi, nga ajja.

266 Bate. Mu Linnya lya Yesu Kristo, vva ku bantu abo.

267 Leka amaanyi ga Katonda, okutegeera kw'Ekigambo, nga bwe Kibanaazizza enkya ya leero, leka okutegeera kw'okukuuma Ekigambo kya Katonda n'ebisuubizo Bye nga bya mazima, kubeere ekisiba Ssetaani ky'atayinza kumenya. Leka buli omu yeekwate ku kisubizo ekyo, agambe nti, "Kye Kino. Nkyekutteko. Katonda yakola ekisuubizo. Nze zzadde lya Ibulayimu. Nnyinza ntya okubuusabuusa ekisuubizo Kye?" Atambule agende mu maaso, okuyita mu Yesu Kristo, Mukama waffe. Amiina.

Mmwagala . . .

268 Kibadde kisala enkya ya leero, ab'emikwano. Kaakano leka tusinze mu kimpoowooze.

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

269 Kisoboka, si kuvvoola, nedda n'akatono . . . Kino kya—kya mwoyo. Leka tuyimuse emikono gyaffe eri Oyo gwe twagala. Tugambe nti:

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

270 Kaakati, eri buli mukazi oba omuwala ali wano, guno gwe mukono gwange. Katonda akwagala. Eri buli musajja oba omulenzi ali wano, Katonda akwagala. Nange nkwagala. Kati, ssisobola kubatuukako kubakwatako mu ngalo buli omu ku mmwe, naye nsaba Katonda abalage kye ntegeeza. Nga bwe tuluyimba nate, kyuka obeeko gw'okwatako mu ngalo. "Ku kino abantu bonna kwe banaategeerera nti muli bayigirizwa Bange, bwe mubeera n'okwagala, buli omu eri munne."

Mwa . . .
. . . n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

271 Temumwagala? Enneewulira eyo ennungi ey'Omwoyo Omutukuvu! Ekigambo mutendera ogw'okutukuzibwa, kikukuuta ne kikwoleza ddala, ne kikufuula ekitonde ekiggya,

ne kiggyawo byonna. Ekigambo kyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, kikomola, ne kisalako, ebintu by'ensi byonna. Mukiraba? Ne twewulira nga tulongooseddwa, nga tunaaziddwa, nga tumusembezza era nga tumukkirizza. Eyo y'engeri gye tusobola okuyimba nti:

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
E Kalivaaliyo.

272 Ekyo si kirungi? Nkyagala nnyo n'omutima gwange gwonna. Mukiraba? Leka tukigezeeko nate, buli omu kaakano, kati yimbira ddala, n'eddoboozi lyo lyonna.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku gw'e Kalivaaliyo . . .

62-0121M Era Ezzadde Lyo Balirya
Omulyango Gw'Omulabe Waabwe
mu Kkuŋŋaaniro lya Faith Tabernacle
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org